# OKUKWATIBWA ENSONYI

Weebale, Ow'oluganda Neville. Akuwe omukisa!

2 Mwasuze mutyanno, ab'emikwano. Kirungi okubeera wano enkya ya leero. Era ndowooza kye nkoze. . .Nnyingiridde obudde bw'Ow'oluganda Neville. Abadde atudde mabega wali ne, nga ateekateeka ky'abadde agenda okubuulirako; ne nnyingirawo, n'atandika okuzingako ebiwandiiko by'abadde ateekateeka, n'agamba nti, "Kale. . . "

3 Kinzijukiza emyaka egiyise. Wano waaliwo ow'oluganda omuddugavu, eyali ayitibwa Ow'oluganda Smith, ne Mwannyinaffe Cross. Baali mikwano gyange abalungi ennyo. Era bwe nnayingiranga mu kizimbe akawungeezi, nnamukadde oyo yateranga. . .Yalina obusulubu obw'envi. Ssimanyi oba ku mmwe waliwo amujjukira, oba nedda. Era yabeeranga waggulu ku kituuti, nga bwe mumanyi. Era bonna baayimbanga nti, "Luguudo Olunene Olugenda Mu Ggulu." Era Ow'oluganda Smith, yabanga atudde *bw'ati*, nga bwe mumanyi. Olwo ne nnyingira mu mulyango ogw'emabega.

4 Waaliwo akawala akato, nga kaddugavu nnyo, akaatuulanga mu nsonda. Kaatandikanga okukuba mu ngalo, nga bwe kayimba nti, "Mumuyimuse," oluyimba olwo, nga bwe mulumanyi. Baalina engeri eyaabwe gye baluyimbamu, nga bwe mumanyi. Ate mu nsonda endala, nga waliyo omuntu omulala, nga ayanukula, nga agamba nti, "Mumuyimuse." Kaakati, olwo lwe luyimba lwe baayimbanga bwe nnabanga nnyingira mu mulyango. Abantu abo mbaagala nnyo.

5 Era kati nnamukadde Ow'oluganda Smith yatuulanga mabega awo, okumala akaseera, nga bwe mumanyi, era yali muntu musirise. Yagambanga nti, "Yingira, mukadde, enkoofiira yo giwummulize wano." Si nti "wummulako"; "enkoofiira yo giwummulize wano," mukiraba. "Yingira, mukadde, enkoofiira yo giwummulize wano." Nga agenda waggulu mu maaso, era, okusinziira ku ngeri gye yatandikangamu, nnakimanyanga nti bunkeeredde, mukiraba.

6 Yagambanga nti, "Kaakati," nga agamba nti, "baana bange, mumanyi," n'agamba nti, "mba—mbadde ntudde wano nga nneebuuza nti, 'Mukama, ogenda kumpa ki kye mba njogera?'" N'agamba nti, "Ya—Ya—Yasigala annyeenyezza omutwe Gwe, nga annyeenyeza omutwe Gwe. 'Sirina kye ŋŋenda kukuwa kya kwogera.'" N'agamba, n'agamba nti, "Ndabye Omukadde Branham nga ayingira emabega wali, ne ŋŋamba nti, kaakati, 'Mukama, nnaakatandika okujjukira. . .'" Kati, awo bwabanga bunkeeredde!

7 Ow'oluganda George Wright, oli otya, ow'oluganda? [Ow'oluganda Wright addamu nti, "O, ndi bulungi. Ddala."—Omuk.] Akuwe omukisa, Ow'oluganda Wright! Mazima ddala. ["Ow'oluganda Elijah ali mabega wali."] O, ekyo bwe kiri? Ow'oluganda Elij' Perry, agambye nti, ali mabega wali. Oli ludda wa, Ow'oluganda Elij'? Mmaze ebbanga ddene nga ssimulaba... Kati, bannange, bannange! Kaakati tusaanye tubeere n'olukuŋŋaana lwennyini wano! Elij' Perry, George Wright, n'abamu ku bakkiriza abakadde abaabeeranga wano mu kiseera kyenkana mwe twalinanga okuwanirira obuwanirizi amadirisa, n'emikono gyaffe, nga embuyaga ekunta. Nsanyuse okubalaba! Maama, Mwannyinaffe Wright ali wamu naawe? Mwannyinaffe Wright wooli? Naye, gy'ali emabega. Yee, ssebo. Ekyo, nga kiyitirivu obulungi! Mwannyinaffe Perry, kati bonna mbalaba. Kale, ekyo kirungi nnyo. Kirungi okubeera nga tuli wano. Kirungi okutuula mu bifo bino. Kirungi okubeera awamu.

8 Nnali mmaze ekiseera, nga ngezaako nnyo, okuteekateeka nkomewo; nga nnina omugugu ku mutima gwange. Mbadde nnaakakomawo okuva mu Afirika, nga mwenna bwe mumanyi. Naye ate bwe nnatuukayo, nnalina viza eriko obukwakkulizo, ne bagaana, ne bagaana okunzikiriza okubuulira kubanga kikuŋŋaanya abantu bangi nnyo. Mu kiseera ekyo baali basuubira abantu okwegugunga ekiseera kyonna, kale—kale ba—baŋŋaana okubuulira olw'ensonga eyo ey'okukuŋŋaanya awamu abantu abangi. Engeri yokka gye nnali nsobola okukikola, yali ya kubaako kitongole ekikiikirirwa gavumenti kye nfuna, mu gavumenti, kye kiba kimpita, olwo gavumenti ebeere nga butereevu erina okusindika abaserikale, okutuwa obukuumi. Mukiraba, bali... Wagenda kubaawo okwegugunga, era eyo y'ensonga lwaki bakola bwe batyo. Okwegugunga okwo kubindabinda, mukiraba. Omusajja oyo owa gavumenti yagamba nti, "Omulundi gwe yasembayo okubeera wano, yakuŋŋaanya abantu emitwalo nga abiri mu etaano." N'agamba nti, "Kaakati, mukiraba, ekyo kye kintu kyennyini obwannaakalyak'ani kye bulinze, okutandikawo okwegugunga." Kale, ssaasobola kubuulira.

9 Abantu abo baali awo nga bayimiridde, bawuuba emikono gyabwe, bwe bakaaba nti, "Jjukira maama wange! Jjukira nti, muganda wange eyafa! Bannange..." Nga bali awo, bakugiddwa, nga bwe mumanyi, nga bakugiddwa sseŋŋenge, nga ddala kikuleetera okuwulira obubi ennyo. Kale nnakomawo eka.

10 Mu nze ne ŋŋamba nti, "Naye..." Mutabani wange, Joseph, ali emabega wali, yali addiriddemukko mu kusoma kwe. Era yali... Yali ayise bulungi, naye yalina okuddamu; yali tasoma bulungi kimala. Mu nze kye nnava ŋŋamba nti, "Kale, kati tugenda kubeerako awaka okumala akaseera." Ne ŋŋamba nti, "Bwe tunaasigala awaka, kijja kwonoona oluwummula lw'abaana." Bwe tutyo ne tulwongerayo mu maaso,

ne tubaako we twaluteeka mu Agusito, tusobole. . . tukomewo wano okumala wiiki nga bbiri, oba ssatu.

11 Ne ŋŋamba nti, "Nzikiriza, bwe tunaaba tuzzeeyo, nja kutegeka mbeereyo n'olukuŋŋaana. Tujja kufuna ekizimbe ky'essomero eryo engulu wano, tubeere ne—n'olukuŋŋaana okuva nga abiri mu munaana okutuusa nga lumu, mu kizimbe ky'essomero mwe bakuŋŋaanira. Nnali njagala mbuulire ku ky'okuyigako eky'okufukibwa kw'Ebibya ebyo omusanvu ebisembayo." Kale twagenda mu maaso ne tukubayo essimu, naye ne tuyiibwa. Tebakyatukkiriza kubeera mu masomero gano, abantu baba bangi nnyo. Tetulina walala we tusobola kuluteeka. Kati oluvannyuma lw'ekyo nnasalawo, bwe nnali nkomyewo wano, mu kifo ky'oku. . .

12 Tetusobola kufuna wa kutuuza bantu bonna, singa tubeera tula-. . . Kati, terunnalangiririrwa. Kati abantu bonna, bwe tugezaako okubatuuza wano mu kkuŋŋaaniro, tetusobola kukikola. Mukiraba, kibeera. . . kiba kigenda kubeera kizibu nnyo okubeera wano okumala ennaku ttaano.

13 Kaakati, bwe tubadde tutudde munda wali nga twogera n'Ow'oluganda Neville n'Ow'oluganda Wood, n'abalala, tusazeewo tukole kino. Bwe tuba tetusobola, mu kifo ky'ekyo, wali twandibadde tulina okuba n'enkuŋŋaana ttaano; nga twandibadde tutandika nga abiri mu munaana, abiri mu mwenda, asatu, asatu mu lumu, ne nga lumu. Naye, mpulira nti bwe tubeera ne, okutandika ne Ssande ejja, tusobola okubeera n'enkuŋŋaana bbiri-bbiri mu lunaku, ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi, nga z'ennaku z'omwezi kkumi na munaana. Ne ku—ku lw'abiri mu ettaano, ne tubeera n'olukuŋŋaana ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi. Ezo enkuŋŋaana nnya. Ne nga lumu Agusito, ne tubeera n'olukuŋŋaana ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi. Nga ekyo kituwa enkuŋŋaana mukaaga, era kiba tekijja kuleetawo mugotteko kuyingiza bantu munda. Kaakati ekyo kye ndowooza.

14 Temulowooza nga ekyo kijja kuba kirungi okusinga okubeera n'abantu nga buli omu yeenyigirizza bonna beegottese, n'ebirala byonna? Naye bwe zibeera enkuŋŋaana bbiri, ezo tuba tusobola okubeera nazo, mu kifo ky'okubakuŋŋaanya awamu bonna. Okumala ebiro bitaano, eby'omuddiriŋŋanwa, kiba kigenda kubeera kizibu.

15 Era kati njagala nsisinkane abayima n'abakadde abali wano, mu kiseera kyendi wano.

16 Kino ky'ekigenda mu maaso buli wamu. Tuli mu nnaku za luvannyuma, nga Enjiri tekyalina nki—nkizo nga bw'Erina kuba. Terina ddembe ly'Erina kuba nalyo. Etabuddwatabuddwamu eby'obufuzi n'ebirala, kyenkana nga kibiina bubiina eky'abantu abaliko kye balwanirira. Era kijja kukomekkerereza mu ekyo,

kubanga akabonero k'ensolo kalina kujja kuyita mu kwegatta, ekyo tukimanyi. Kale tu—tu . . . Kubanga, kujja kuba kubawera, "nga tewali muntu yenna asobola kugula wadde okutunda, okuggyako oyo alina akabonero k'ensolo."

17 Era kati njagala mbeeko ne kye nzuula, okuyita mu bakadde. Mpulira nga nnuŋŋamizibwa. Ssibeerangako na kulumwa njala kwa maanyi bwe kuti mu mutima gwange ku lwa Katonda, mu bulamu bwange bwonna, nga kwe nnina kati, mukiraba. Kubanga . . . Era nja—njagala nfune weema eyange ne—n'ebintu ebyange, nga Mukama bwe yampa okwolesebwa okukola bwentyo, era nzikiriza nti kaakano ekiseera kisembedde. Era mu kiseera kino nga ndi wano njagala ndabe, ensonga lwaki tetusobola kufuna weema eyo.

18 Kibeere—kibeere nti bwe tugenda, okugeza bwe tujja nga wano mu Jeffersonville, mu kifo ky'okubeera n'olunaku nga lumu lwokka oba bbiri, oba ennaku nga ssatu oba nnya, tubeere nga tusobola okugenda wabweru wano ne tusimba weema eno, ne tubeerawo okumala wiiki nga bbiri oba ssatu, mukiraba, nga tewali atukuba ku mukono. Tusobola okukozesa ekisaawe ky'omupiira, oba, ekyo bwe batugaana okukikozesa, wano waliwo omulimi asobola okutukkiriza tukozese ffaamu ye. Tujja kupangisa ffaamu tu—tusimbe omwo weema yaffe. Okuva awo ekintu kyokka kye tunaaba tusigazza okukola, kujja kuba kweteerawo—obuyumba bwaffe obwokumabbali, n'ebirala, n'ebifo eby'okukyamamu. Ate ebyo byangu bya kukola. Olwo okuva awo tutandike okubeera n'enkuŋŋaana zaffe bwetutyo kubanga ekyo kiri nga okwolesebwa bwe kwali okuva eri Mukama, era kya kukolebwa mu ngeri eyo.

19 Kati bwe nnakomyewo, jjo, nnasanze, *kino*, na *kiri,* nga bwe mumanyi. Nnabadde ntambulatambula mu kkubo, ne wabaawo mukwano gwange omulungi eyampise, n'aŋŋamba nti, "Owange, Billy." Ne mmutunuulira, nga alina enviiri enjeru ttukutuku, n'olubuto olwenkana *awo*. Kyokka nga omuvubuka oyo wa myaka gyange. Twaddukanga fenna, yali muvubuka alabika obulungi ennyo, bwe nnali nkyali muto. Kyanneewuunyisizza.

20 Mutabani wange omuto, Joseph, yambuuzizza nti, "Taata, lwaki oli munakuwavu?"

"Ha," ne mmugamba nti, "ssisobola kukikunnyonnyola, Joseph. Okiraba, ssisobola, ssisobola kukugamba."

21 Era bwe ntunuulira Elij' Perry emabega wali w'atudde, ne Muky. Perry; kirabika nga jjo jjuuzi wano abaabadde omugogo gw'abafumbo ab'enviiri enzirugavu, nga baliraanwa bange, we twabeereranga n'eryato ekkadde, eryayitibwanga *Wahoo*, era, emmanga ku mugga, bwe twalobanga ebyennyanja ekiro. Naye bwe mbalaba nga bombi balina envi mu mutwe, omanyi, kintegeeza ekintu kimu, waliwo okulabulwa kumu kwokka okunzijira nti, "Tokyasigazza budde bungi." Mukiraba?

22 N'olwekyo, njagala buli lunaku lw'obulamu bwange ndubeerewo ku Lulwe. Ennaku ze nsigazzaayo, obudde bwe nnina, njagala mbukozese mbeeko ne kye nkola, ne bwe kuba kuyimirira buyimirizi ku kkubo, nga njulira ku lw'ekitiibwa kya Katonda n'ettendo lye. Era ndi—ndi wano lwa kigendererwa ekyo.

23 Era nnina akafo akeekusifu engulu wano ku kyuma kya Green's Mill, mu Indiana. Kati, si kibuga, wabula tta—ttale. Kati waliwo abantu abamu abaakezza, era tebakukkiriza na kulinnyayo kigere. Naye nninayo empuku oli gy'atayinza na kunnoonya n'anzuula nga nnyingiddeyo. Nnyingirayo mu budde bwa kiro, kale tayinza kumanya ddi lwe nnyingirayo oba lwe nfulumayo. Era tamanyi na wa empuku eyo weeri, era tayinza yadde okugizuula weeri. Era njagala ŋŋendeyo njogereko ne Mukama, okumala akaseera, mpulira nga kyetaagisa.

24 Mukyala wange, ayagala kujja, ayagala kukomawo, ne Rebekah ne Sarah, n'abalala, bakyalire ku mikwano gyabwe. Era kati tukomyewo wano okumala wiiki essatu ezijja, Mukama bw'anaaba nga bw'ayagadde.

25 Kale ndowooza nti, mu kifo ky'okugezaako okunyigiriza awamu abantu bonna, okubeera n'enkuŋŋaana ezo wano mu kkuŋŋaaniro. . .Weewaawo, ekkuŋŋaaniro lino lyaffe, lya Mukama waffe, yalituwa. Era lirimu ebyuma ebiweweeza empewo. Njagala tubeere n'olukuŋŋaana lw'oku Ssande ku makya, n'olukuŋŋaana lw'oku Ssande akawungeezi. Ekyo kijja kusobozesa abantu okuddayo gye babeera, balinde okutuusa wiiki eddako.

26 Ssirowooza nga nsobola okuyigiriza ku kufukibwa kw'Ebibya ebyo ebisembayo ne—ne mbiwa obudde obubimalira ddala, kubanga mu byo mulimu Obubaka obukulu ennyo, ddala. Naye nsobola okusabira abalwadde, ne nkola n'ebintu ebi. . .Era, nnina n'Obubaka, eri ekkanisa, nga Mukama bw'anaabumpa. Okuyita mu wiiki, nja kubaako erudda wano mu ttale we ŋŋenda nsome, nkomewo ku Ssande ku makya, tubeere n'olukuŋŋaana olwa Ssande ku makya nga luno, oluvannyuma tubeere n'olukuŋŋaana olw'oku Ssande akawungeezi. Omusumba waffe omwagalwa ennyo, Ow'oluganda Neville, nnamubuuza oba nga ekyo kinaamuyisa bulungi. Ekyo kitegeeza nja kumutwalako enkuŋŋaana zonna, naye yabadde musanyufu bya nsusso okuziwaayo eri—eri enteekateeka eyo. Kale. . .

27 Ow'oluganda Capps, ye, ndowooza, naye, yakwatibwa omusujja ogw'okutambula, era ndaba nga yagenze, wamu ne—wamu n'Ow'oluganda Humes. Era Mukama yaleese wano Ow'oluganda Mann addewo, mu kifo ekyo. Omanyi, ekyo si kirungi nnyo engeri Katonda gy'akolamu ebintu? Bulijjo akola

ebintu mu kiseera kyennyini ekituufu. Nazze ne mpulira omuntu abuulira. Ne ŋŋamba nti, "Oyo ta . . . Nzikiriza . . . "

28 Ow'oluganda Capps, yajja e Tucson, era ndowooza olwali okujjayo tewaamuyisa bulungi, ebbugumu lyali mu ddiguli nga kikumi mu kkumi. Ebbugumu eryenkana awo yali talyetaaga n'akatono, bw'atyo yavaayo, ye wamu n'Ow'oluganda Humes, ne bagenda e Phoenix. Weewaawo, eyo liri kikumi mu kkumi na ttaano okutuuka mu kikumi kkumi na mukaaga, oba kikumi kkumi na munaana. N'eryo lyali likyali lingi nnyo, era ndowooza yavaayo n'agenda e Texas oluvannyuma lw'ekyo; nga, agezaako okunoonya ekifo.

29 Naye mbabuulira, toyinza kwagala kubeera mu Arizona mu kiseera kino eky'omwaka. Luli, ebbugumu lyali kikumi mu ana, ku Lwokutaano oluwedde, lyali ddiguli kikumi mu ana, mu kitundu kya Parker. Era eyo Ow'oluganda Craig, asabira mu kkanisa wano, gy'abeera. Era osobola okwasa eggi, ne lisiikibwa ne liggya nga terinnatuuka ku ttaka. Owandula, eddusu ne—ne likalira mu bbanga, ne li . . . Teri wadde oluwandaaggirize mu bbanga wadde ekintu kyonna, ebeera ttanuulu yennyini mu kiseera nga kino eky'omwaka. Naye okuva mu Novemba, Ddesemba ne Janwali, waba walungi nnyo. Naye bwe kituuka awo nga mu Maaci ne Apuli, kisingako n'odduka n'ovaayo bw'oba toyagala kuziyira.

30 Era ekyo ky'ekiseera Ow'oluganda Capps ne banne mwe bajjirayo, kye ndowooza nti kye kyabaddusaayo. Kale ob'olyawo ekyo Mukama yakikola lwa kigendererwa. Nzikiriza kino, nti Katonda y'aluŋŋamya ebigere by'omutuukirivu. Oluusi kirabika nga ekizibu.

31 Nga luli bwe nnali mu lugendo luno nga ŋŋenda mu Afirika, nnali mukakafu ddala nti nnali ntambulira mu kwagala kwa Katonda. Kubanga, omwaka gumu oguyise emabega, nnali mmanga mu Bukiikaddyo, nga nnina enkuŋŋaana ez'omuddiriŋŋanwa, era, baali—baali, nnalowooza nti . . .

32 Okuva mu kibiina ekyo, baŋŋamba nti, "Osobola okugenda mu maaso n'ojja, nga oyita mu kibiina ky'Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo, naye ffe tetujja kuba na kakwate konna na kujja kwo."

33 Kati, weewaawo abasajja abo ssaagala kukibavunaana, nga bwe mumanyi, kuleetawo butategeeragana. Nja—njagala bawulire bulungi buli omu eri munne. Kye nnava mbagamba nti, "Naye . . . " Nnabawandiikira ebbaluwa, ne mbagamba nti, "Mujjukire nti, ngezezzaako okuyingira mu Afirika okumala emyaka egiwerako, nate era, mpulira nti obuweereza bwange omulimu gwabwo mu Afirika tegunnaggwa. Ssirina . . . "

34 Nsonga ki eyandibadde entwala mu Afirika, nga nnina wano ebibuga nga lukaaga, oba lusanvu mu Amerika, gye bampita, mukiraba, wano wennyini, nga ssivudde na Canada, oba

Mexico, oba ekimu ku bifo ebyo? Lwaki nnandibadde njagala okugendayo? Naye waliwo ekintu mu mutima gwange, ekinsika okugenda mu Afirika. Waliwo, abantu abo, waliwo—waliwo eky'enjawulo ekibaliko, kye njagala, era njagala kugenda lwa baddugavu bokka. Naye bangi ku bo waliwo ekibalimu, abakulembeze, tebawulira nga ekyo nsaanye nkikole. Nze—nze njagala kugenda eri mikwano gyange abaddugavu. Eyo Mukama gy'ampita ŋŋende. Era kati bali mu bwetaavu. Bangi ku bantu abo, abazungu abo, basobola okufuna abasawo n'abalala bonna. Naye bannansangwa abo bambi babeera eyo, ne bavundako n'ebitundu. Mpu—mpu—mpulira nga be balabika nga abayinza okukisembeza. Be bo. Waliwo eky'enjawulo ekibaliko.

35 Bw'otuuka mu mbeera, nga oli mugezi nnyo n'otuuka okuba nti omanyi buli kimu, awo Katonda aba talina ky'asobola kukukozesa. Naye bw'otuuka mu mbeera nga oli mwetegefu okuwuliriza n'okuyiga, awo—awo kiba kiseera kya Katonda, aba asobola okujja n'ayogera naawe.

36 Kale nnabawandiikira ebbaluwa ebaanukula, ne mbagamba. Era nnabagamba nti, "Mujjukire nti, ku Lunaku lw'Omusango, leka emikono egyo egiweddeko ennyama ku nsusu gigololwe okuva mu mukka, gibasalire omusango! Leka omusaayi gwabwe gubeere ku mmwe, so si ku nze, kubanga ngezezzaako okumala emyaka nga kkumi okukomawo."

37 Kati ebbaluwa eyo bwe nnagiweereza, ne nkomawo, ne wabaawo Ekyaŋŋamba nti, "Laba Sidney Jackson, ogende ku lugendo olw'okuyigga." Era, mu kiseera kye kimu, Mukama n'ayogera ne Sidney Jackson, n'amugamba nti, "Empologoma erina ebyoya by'oku mutwe n'ensingo ebya kyenvu, Ow'oluganda Branham ajja kukuba olukuŋŋaana gaggadde; Durban, olukuŋŋaana olunene."

38 Era, yajjako wano, n'ayogera nammwe wano. Ye abaffe, twabatiza...Yali awakanyiza ddala eby'okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Ate ye mukyala we yali mubi nnyo n'okumusinga, ye nga atambula butambuzi n'avaawo. Wali osobola...Mbabuulira, ssirabanga bantu beewaddeyo kusinga bantu bali. Balinayo abaweereza nga kikumi mu ataano, abaabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, era eggwanga lyonna balikoleezezza omuliro. Obubaka bugenda busaasaana buli wamu wonna mu Afirika, buli wamu wonna, abavuzi b'ennyonyi n'abasajja ab'amaanyi nga bajja, ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo.

39 Kale kati nze, bwe nnasimbula okugendayo, mbabuulira, ssibeerangako na mitawaana mu bulamu bwange bwonna, nga gye nnasisinkana bwe nnagezaako okugendayo. Kyokka ne mu kaseera kennyini akasembayo, mu ddakiika yennyini esembayo ŋŋende, ne bawandiika ku visa yange nti, "Tasobola kwenyigira

mu lukuŋŋaana lwa ddiini lwa ngeri yonna; asobola kujja kuyigga buyizzi kyokka.” Kati, awo, kyali kisusse.

40 Naye nnagamba nti, “Ssifaayo kiki ssetaani ky’akola, Ssi—ssisobola . . . Ssisobola kukakasa Ow’oluganda Jackson kye yayogera ku mpologoma ey’ebyoya eby’oku mutwe ebya kyenvu, ne *kino*, n’*ekyo*, oba *kiri*. Ssi—ssisobola kubikakasa. Naye kye mmanyi kiri nti Katonda yaŋŋamba nti ‘laba Sidney Jackson, ogende oyigge.’” Ne ŋŋamba nti, “Ŋŋenda.” Ate oluusi . . . Era nnalina olumu ku ŋŋendo ezikyasinzeeyo okubeera ennungi ennyo.

41 Nnategeera omutawaana kye gwali. Era kati ndowooza nti, awo nga mu Okitobba, Mukama bw’anaaba ayagadde, nsobola okuddayo ne mbeera n’olukuŋŋaana na buli kimu, nga nnina okukolagana okujjuvu, na buli kimu kyonna, mukiraba, mu Afirika kaakati. Nnatuuka ku ntobo yaakyo ne nzuula omutawaana we gwali, ne kwe gwava. Waggulu eno, mu kuwandiika, *ono* abaako ne ky’agamba, n’omulala n’abaako ne ky’agamba, n’*ono* wano. Ekisinga obulungi eky’okukola, kwe kugenda ne weezuulira, ggwe kennyini. Era kati mmanyi omutawaana kye gwali, n’ensonga lwaki kyali bwe kityo; kyali lwakuba abantu baali bagenda kukuŋŋaana bangi nnyo, gavumenti kye yava tenzikiriza kubeera na lukuŋŋaana lwonna.

42 Kati singa ekibiina ky’Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo oba ekibiina ekirala kyonna, ekinaatutwalayo, awo butereevu gavumenti ejja . . . kubanga ekibiina kye kiba kimanyiddwa gavumenti, awo gavumenti eweereza obukuumi bw’abaserikale. Ne bwe wabaawo abasajja abiri mu bataano okuva mu kibiina ky’eddiini ekimu, n’abalala abiri mu bataano okuva mu kibiina ekirala, nabo tebajja kubakkiriza. Alina kuba mukulembeze wa—wa kibiina kino. Era ekibiina ky’Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi kibiina ekitasosola mu nzikiriza ekikiikirira amakanisa gonna. Dokita Simon, akikulira erudda eri, musajja mulungi nnyo, nnafuna akakisa okumusisinkana ne njogera naye. Era be bagenda okukulemberamu enkuŋŋaana, era amakanisa amalala gonna gajja kujja gakuŋŋaane wamu. Mukiraba? Era nzikiriza tujja kubeera n’olumu ku nkuŋŋaana ezikyasinze okuba ez’amaanyi ezaali zibaddewo mu—mu Afirika.

43 Naye ensonga yange ebadde eno, nti bw’okimanya nti o—ogezaako okukola ekituufu, ekisooka kiri nti, bw’owulira nga oluŋŋamizibwa okubaako ekintu kyonna ky’okola, awo kikebere n’Ekigambo olabe oba kikwatagana n’Ekigambo, okuva awo toganya ekintu kyonna okukuyimiriza. Sifaayo nnamuziga mmeka ssetaani z’akusuulira mu kkubo, genda bugenzi mu maaso oziyiteko.

44 Nnagambye mukyala wange ne ŋŋamba n’Ow’oluganda Wood, bwe nnatuuse wano, n’abamu ku mikwano gyange

be nnasisinkanye eggulo: mmaze wano emyaka nga etaano nga kyenkana simanyi na kya kukola. Gibadde gya—gya bunkenke. . .Mukiraba, okudda obuggya nga kwo, mu makanisa, kwali kufudde. Ekyo buli omu akimanyi. Okiwulira mu kkuŋŋaaniro lino. Okiwulira buli wamu wonna. Waliwo embeera enzito, etaliimu bulamu. Waliwo ekitali kituufu. Kiri lwa kuba okuyaayaana kw'okudda obuggya abantu kubavuddemu. Genda mu makanisa, ojja kubalaba nga batudde awo. Nga omusumba bw'agezaako okukwata wano ne wali okubaako obubaka bw'abuulira oba ekintu bwe kityo. Era ekiddirira, nga abaako ekintu ekimu ky'akiwaanyisaamu nakyo nga akabaga ke bagenda okubeera nako, oba ekintu bwe kityo. Kirabikanga buli wamu awali embeera enzito etaliimu bulamu.

45 Billy Graham akiraba; ne Oral Roberts. Mw. Allen yafunamu obuzibu, nga bwe mumanyi. Oral Roberts alina ebizimbe bya bukadde bwa ddoola amakumi ataano, n'ebirala, by'alina eyo. Alina ettendekero. Era, kale, kati tewakyaliwo muntu yenna abuulira njiri.

46 Nnajja wano, okusinziira ku kwolesebwa, ne ŋŋenda e Tucson, okulaba kiki Mukama kye yali ayagala nkole. Eyo mba ndi eyo n'Ansisinkana, nga bwe Yabagamba wano nti Yali wa kunsisinkana, era mu nkula eya Bamalayika omusanvu, n'aŋŋamba nkomewo nti Obubonero Omusanvu bugenda kubikkulwa. Ekyo kyennyini kye kyabaawo.

47 Yagamba, lumu bwe twali n'Ow'oluganda Wood bwe yajjayo, waliwo ekifo kye kimu gye twagenda, ne nkasuka ejjinja mu bbanga, ne likomawo wansi, n'Agamba nti, "Mu lunaku lumu n'ekiro, ogenda. . ." Alina bye yayogera, nneerabidde ebigambo byennyini nga bwe byali. "Ogenda kulaba ekitiibwa kya Katonda."

48 Era enkeera, ne wajja embuyaga eyeebonga ng'eva mu bbanga, era tumanyi emboozi ekwata ku ebyo ebyaliwo. Bwe yatumbiira waggulu, bambuuza kye kyali kitegeeza. Ne mbagamba nti, "Eddoboozi lyogedde ebigambo bisatu, mu kubwatuka kwa mirundi esatu okw'amaanyi." Abasajja baawulira kubwatuka kwokka. Naye nze nnategeera kye Lyagamba. Lyagamba nti, "'Omusango gugenda kukuba Olubalama lw'Ebugwanjuba!'" Waayitawo ennaku bbiri nga ekyo kimaze okubaawo, Alaska kaabula kata ebulire mu ttaka. Wabaddewo okubwatuka, n'ebikankano, na buli kimu. Mmwe mubirabe, buli lunaku, ebikankano biyuuguumya buli wamu.

49 Olukuŋŋaana lwange olwasembayo, olukuŋŋaana lwe nnasembayo okuba nalwo, eky'amazima, buno bwe bugenda okuba Obubaka bwange obusooka, bwe ŋŋenda okubuulira okuva ku olwo. Nnali mbuulira mu Los Angeles, mu kizimbe kya Biltmore Auditorium, era nnali njogera ku musajja okweroboza omukyala. Mwandiba nga olutambi lw'obubaka

obwo mwalufuna. "Kibeera," nnagamba nti, "Kyoleka embala ye n'ebiruubirirwa bye." Nti, omusajja bw'awasa omukazi, n'awasa omuwala omuto, y'aba abeera mukyala we; n'awasa, nga bwe mumanyi, omuwala ow'omulembe bano be bayita Ricketta, ekyo ki—kiraga bulazi kiki ky'ali. . . Bw'awasa nnalulungi oba omukazi eyeegabangula, oba kyonna ky'ali, kiba kiraga kiki, kyennyini ekiri mu musajja oyo. Naye Omukristaayo, anoonya mbala mu mukazi, kubanga ateekateeka amaka ag'omu maaso n'omukazi oyo. Ateekateeka, afuna omukazi anaazimba amaka. Ne ŋŋamba nti, "Ne, Kristo, okusinziira ku Kigambo Kye wano, atutegeeza Amaka gaffe ag'omu maaso bwe galifaanana. Olwo mukyala wa ngeri ki gw'Anaalonda, malaaya ow'ekibiina ky'eddiini? Tekisoboka! Ajja kulonda omukazi alina embala y'Ekigambo Kye, era oyo y'anaabeera Omugole."

50 Era mba nkyali awo, waliwo Ekintu ekyantomera, nnamala eddakiika nga amakumi asatu nga ssirina kye mmanyi. Waaliwo obunnabbi obwaweebwa. Kye nzijukira, Ow'oluganda Mosley ne Billy, nnali bweru mu kkubo, nga ntambula. Eddoboozi ne ligamba nti, "Ggwe Kaperenawumu, eyeeyita erinnya lya Bamalayika," ekyo ye Los Angeles, ekibuga kya bamalayika, mukiraba, bamalayika, "ggwe eyagulumira ennyo mu bbanga, ojja kuwanulwayo ossibwe wansi mu magombe. Kubanga, ssinga emirimu egy'amaanyi egikukoleddwamu, gyakolebwa mu Sodoma, kyandibadde kikyayimiridde okutuusa leero." Naye ebyo byonna byaliwo, nga nze sirina kye mmanyi. Mukiraba?

51 N'engeri gye nnali nnaakava okukubiriza, Kristo, okumugulumiza n'okugamba ekkanisa. Nnagamba nti, "Mmwe abakazi, wadde ngezezzaako okujja gye muli, manya okubuulira nga nvumirira ebintu bino; nammwe basajja mmwe, mmwe ababuulizi; mugenze mu maaso na kunnyoomoola ebbanga lyonna, ne mugenda mu maaso ne mubikola. Ne mukirinnyirira bulinnyirizi nga gy'oli nti Ekigambo kya Katonda tekirina makulu."

52 Era ekyo bwe nnakitegeera, ne ŋŋenda, ne ŋŋamba nti, "Waliwo Ekyawandiikibwa ekyogera ku ekyo." Ŋŋenda okukizuula nga yali Yesu, bwe yali anenya Kaperunawumu ku lubalama lw'ennyanja. Ku olwo ekiro nnataganjula Ebyawandiikibwa. Nnakomawo eka, ne nkwata ekitabo ky'ebyafaayo; nga Sodomu ne Ggomola lumu byaliko e—ekibuga ekitutumufu, ekitebe ekikulu eky'Ab'amawanga mu nsi yonna. Naye mumanyi, ekibuga ekyo, olw'ekikankano kya musisi, kyabbira ne kibulira mu Nnyanja Enfu. Era Yesu yayimirira, n'agamba nti, "Kaperunawumu, emirimu egyakukolebwamu singa gyakolebwa Sodoma, n'olwa leero kyandibadde kikyayimiridde. Naye kati oteekwa okusuulibwa e magombe!" Era oluvannyuma lw'emyaka nga ebikumi bibiri oba bisatu oluvannyuma lw'obunnabbi Bwe, ebibuga ebyo byonna eby'oku lubalama, buli kimu ku byo bikyayimiridde

okuggyako Kaperunawumu, era kiri wansi ku ntobo ya nnyanja. Ekikankano kya musisi kyakibbiza wansi mu nnyanja.

53 Okuva awo ne ndagula ne ŋŋamba nti, “Los Angeles kirikka wansi ku ntobo y’ennyanja.” Era nnakomawo eka, ne ŋŋenda mu Afirika. Era mba ndi mu Afirika, ne bafuna ekikankano kya musisi. Era bannassaayansi . . . Mwakiraba, kyalagibwa ku ttivi, nga waliwo amaka amanene, ag’ebbeeyi, agaguddemu, mu Los Angeles, ne wooteeri, n’ebirala. Era kati waliwo . . .

54 Okuva musisi oyo lwe yabaawo, waliwo olwatika lwa yinci nga bbiri oba ssatu olwesala mu ttaka, okuva mu Alaska, ne lwetooloola okuyita mu Bizinga bya Aleutian, ne lutambula mayiro nga kikumi mu ataano oba bibiri mu nnyanja, ne lukomawo mu San Diego; ne lutwaliramu California, manya Los Angeles, ne luddamu ne lubbulukukira wansi w’ekitundu eky’obukiikakkono bwa California, mu kafo akamu akayitibwa San Jose, wansi eyo.

55 Era munnassaayansi ono yali ayogera, nga abuuzibwa ebibuuzo. Twali tubiraba ku ttivi. N’agamba nti, “Wansi w’olwatika olwo waliyo olweje lw’enjazi ezisaanuuse olutokota.” Era kino kye yayogera, yagamba nti, “Ettundutundu eryo lijja kumeguka,” n’agamba nti, “liteekwa buteekwa.” Era kino e- . . .

56 Omusajja ono, munnassaayansi eyali abuuza munnassaayansi omukugu ebibuuzo, kwe kumubuuza nti, “Ekitegeeza, kyonna kisobola okugwamu?”

Kko ye nti, “Kisoboka? Kiteekwa buteekwa!”

N’amugamba nti, “Kale, weewaawo, ndowooza kiyinza okubaawo emyaka, mingi nnyo okuva kati.”

Kko ye nti, “Kisobola okubaawo mu ddakiika ttaano okuva kati, oba kisobola okubaawo mu myaka etaano okuva kati.” Yakiwa myaka etaano gyokka.

57 Naye nga bwe nkakasa nti nnali nnyimiridde awo wansi w’Okuluŋŋamizibwa okwo, ne nnangirira omusango ku Lubalama olwo olw’Ebugwanjuba, ne kugobererwa ne kino wano eky’okugwamu kwa Los Angeles, ebyakyo biwedde! Bwe kiri. Kijja kubaawo. Ddi? Simanyi.

58 Naye, ha, kiki ekyabaawo? Omanyi, we twogerera tulina ssemazinga mukaaga zokka. Twalina musanvu, eri eyabbira wakati wa Afirika ne Amerika. O, eri mu byafaayo, mugimanyiiko. Kaakati, ettundutundu eryo ssinga ligwamu, kati njagala mwetegereze bwe . . .

59 Buno bwe bubaka bwe nnabuulirako bwe, nzikiriza, Ow’oluganda Elij’ Perry yandiba nga yali mudiikoni wano mu kkanisa mu biseera ebyo, okusinziira nga bwe mmanyi. Naye bwagamba nti, “Ekiseera kirituuka . . . ” Nnali ssikimanyi okutuusa Muky. Simpson lwe yandeetera o—obubaka obwo luli. Era nnakiwandiika mu katabo, nti, “Eddungu . . . ”

nti, “Ennyanja eriwaguza n’ekulukutira mu ddungu.” Ekyo kyayogerwa emyaka asatu egiyise.

60 Era, weewaawo, Ennyanja Salton eringa mu ffuuti ebikumi bibiri wansi w’obuseeteevu bw’ennyanja, kaakati okubengeya okwo okwenkana awo, ettaka eryo lyonna singa limiribwa ne ligwamu bwe lityo, emitwalo n’emitwalo gya sukweya mayiro, ebikumi n’ebikumi bya sukweya mayiro ne bikka wansi mu ttaka, ekyo kiba kijja kusitula ejjengo ery’amaanyi ennyo lituuke ne mu Arizona. Mazima gennyini, kiba kya kukikola.

61 O, tuli mu kiseera kya nkomerero, kiseera eky’ekitiibwa, eky’okulabika kwa Mukama waffe Yesu! Yagamba nti, “Walibaawo ebikankano mu bifo eby’enjawulo, ebiseera eby’okusoberwa, obunkenke wakati w’amawanga, emitima gy’abantu nga gitendewalirwa mu kutya.” N’agamba nti, “Ebintu bino bwe biritandika okubaawo, muyimuse emitwe gyammwe, obununuzi bwammwe buliba busembedde.” Ha, bannange!

> Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,
> Obubonero bannabbi bwe baalagulako;
> Ebiro by’Ab’amawanga biweddeyo, nga bijjudde entiisa;
> “Mukomeewo, Mmwe mwenna abaasaasaana, mudde ewammwe.” (Ekyo kakasa nga okikola!)
>
> Olunaku lw’obununuzi lusembedde,
> Emitima gy’abantu gizirika olw’okutya;
> Mujjuzibwe n’Omwoyo wa Katonda, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi,
> Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde. (Ekyo kituufu.)
>
> Bannabbi ab’obulimba bagenda balimba, nga bagaana Amazima ga Katonda,
> Agagamba nti Yesu oyo Kristo ye Katonda waffe;

62 Ekifaananyi mwakiraba luli, engeri gye Yakyusa ekifaananyi ekyo erudda eri? Era ekifaananyi kyennyini ekya Bamalayika abo omusanvu nga bayimusiddwa waggulu, kikyuse ku mukono ogwa ddyo, kikola obwenyi bwa Mukama waffe Yesu nga atunudde wansi ku nsi nate.

63 Mujjukira bwe nnabuulira *Emirembe Omusanvu Egy’Ekkanisa*, nnalemwa okutegeera lwaki Yesu yali ayimiridde awo nga alina “ekyeru” ku mutwe Gwe. Yali Muvubuka muto. Ne nkizzaayo mu Bayibuli, awagamba nti, “Yajja eri oyo ow’Eddan’edda, eyalina enviiri Ze nga njeru nga ebyoya by’endiga.” Yesu yalina emyaka asatu mu esatu n’ekitundu gyokka, we Yakomererwa.

64 Nnayita Ow'oluganda Jack Moore, eyasomerera eby'eddiini. N'aŋŋamba nti, "O, Ow'oluganda Branham, oyo ye Yesu mu mutendera Gwe ogw'ekitiibwa." N'agamba nti, "Oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira, Yafuuka ekyo." Ekyo kyawulikika nga ekituufu eri omuntu eyasomerera eby'eddiini, naye tekyakkalira bulungi, tekyannyikira bulungi.

65 Ne ŋŋenda waggulu eri ne ntandika ku mulembe gw'ekkanisa ogwo ogusooka, awo Omwoyo Omutukuvu n'akibikkula. Kati mukirina mu bulamba bwakyo mu *Mirembe gy'Ekkanisa*. Nzikiriza mu bbanga eritali lya wala ebitabo bijja kuba bifuluma, okunnyonyola kwakyo kwonna mu bujjuvu. Era kyalaga nti Yesu yali Mulamuzi. Waliwo wiigi enjeru gye baayambalanga, baateekangako wiigi n'agyambala nga omulamuzi, Bungereza na buli kati bakyakikola okulaga nti ye ggwe alina obuyinza obw'oku ntikko. Era ekifaananyi ekyo bwe kikyusiibwa ku ludda, Wuuyo omulaba, enviiri Ze enzirugavu, osobola okuziraba ku ludda lw'ekirevu Kye, wamu ne wiigi enjeru. Ye buyinza obusembayo, Ye Buyinza obw'oku Ntikko. Ne Katonda yakyogera, Ye kennyini nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, mumuwulire."

66 Wuuyo awo ne Bamalayika, Obubaka, nga kwe kwali okubembula okw'emirundi omusanvu okw'obubonero obwo omusanvu okwabikkula *ezzadde ly'omusota* n'ebintu bino byonna wano. Era ekyo kiraga nti ky'ekibikkako Kye kyennyini, bwe—bwe Buyinza Bwe obw'oku Ntikko. Ye w'oku Ntikko, era Ayambadde wiigi, manya—manya abikkiddwa. Bayibuli egamba nti Yakyusa endabika Ye, oba Yeekyusa Ye kennyini, *en morphe*. Ekigambo ekyo kiva mu kigambo eky'Oluyonaani, *en morphe,* ekitegeeza omuzannyi wa katemba Omuyonaani azannya ebitundu ebingi; leero abaako ekitundu ky'azannya, ate mu kitundu ekiddako n'azannya nga muntu mulala. Yali Katonda, Kitaffe, mu kitundu ekimu; n'abeera Katonda, Omwana, mu kitundu ekirala; ate kati ye Katonda, Omwoyo Omutukuvu, mu kitundu kino. Mukiraba? Wuuyo awo, Ekigambo Kye kisigala ky'eky'oku Ntikko. Tuli mu nnaku za luvannyuma.

67 Luli bwe nnakomawo okuva mu Afirika, nnali nkooye. Olaba, essaawa zino eri budde bwa kiro, kale obeera olina okukyuka. Kyokka nnali nnaakakyuka okukimanyiira, ate we nnakomerawo. Twalina olugendo oluyitirivu obulungi, olugendo lw'okuyigga, olumu ku zikyasinzeeyo obulungi ze nnali nfunye mu bulamu bwange. Kati ebifaananyi ebyo Billy abirina, ob'olyawo bw'anaaba afunye akaseera ajja kubiraga, abalage olugendo bwe lwatambula.

68 Nnaloota ekirooto. Bulijjo mu ngeri emu oba endala, mbeera ndoota nga nzizeeyo mu Kitongole kya Gavumenti ekya Piida. Kale nna—nnalowooza nti nnali ndagajjalidde omulimu, nnali nnina oku. . .Bandeka nkole nga ssiriiko nnampala, ne ntuuka ne ndowooza nti nja. . .Mu kifo ky'okugenda okukebera emiti

gy'amasannyalaze oba okusolooza ssente z'amasannyalaze, oba okukola ekintu kye nnali nnina okukola, nnagamba kimu nti, "Naye, ye nze nneefuga," ne ŋŋenda ne mpuga. Ne ŋŋenda emmanga ne nneeyambulamu. . .engoye zino, ne nnyambala engoye zange eziwugirwamu. Nnali nzekka. Naye mu nze ne ŋŋamba nti, "Naye, kino si kituufu, kampuni. . .Buno budde bwa misana, kampuni ensasula ku lw'obudde buno." Muli ne ŋŋamba nti, "Ekyo nga kyewuunyisa." Naye ne ŋŋamba mu nze nti, "Naye kati, ssente ze nnasoloozezza bwe nnayiseemu. . . " Nnalina okulawuna wamu n'okusolooza nga mbigasse wamu, ne ŋŋamba nti, "Ate, essente ze nnakuŋŋaanyizza, nnina kye nkoze, mu kwetooloola kwe mbaddeko wano; tikiti zange zonna zimbuzeeko, era kati ssente zaabwe n'ezange nzigasse wamu. Kaakati nnaategeera ntya ani eyasasudde ebisale by'amasannyalaze?" Mu nze ne ŋŋamba nti, "Ekyo kyavudde ku kuba nti nnabadde sitaddeeyo birowoozo n'akatono!" Mu nze ne ŋŋamba nti, "Ekyo si kituufu. Waliwo ekintu kimu kyokka kye nnina okukola, kwe, kuddayo ewa mukama wange anvunaanyizibwako mmutegeeze." Oyo yali Don Willis, ne mmugamba nti, "Don, tikiti ezo zimbuzeeko. Kaakati zino ze ssente zonna ze nnafunye, era zino ze ssente zaabwe, zonna wamu. Ŋŋenda kuzireka wano ewa kaasiya. Era abantu, bwe banajja, bajja kujja ne lisiiti eraga nti nnaweereddwa ssente zaabwe ez'ebisale by'amasannyalaze."

69 Ob'olyawo waliwo abantu abatudde wano wennyini be—be. . .Nkimanyi weebali. Be nnasoloozangako ssente mu—mu biseera ebyo, we nna. . .ne mbawa lisiiti. Omanyi, wabanga olina okusasula engassi ya kimu kya kkumi bwe wabanga tosasudde bisale byo mu budde. Era ob'olyawo, nga bwe ziba doola nga emu n'ekitundu, nga oyongeramu engassi ya nnusu kkumi na ttaano. Bangi ku bantu abo baabeerangawo. . .Twayagalanga nnyo okukwatagana awamu ne tunyumyamu, kale baalekanga ebisale byabwe ne biyitako nga tebabisasudde, olwo nze ne ŋŋenda gye bali ne tunyumyamu. Ne bampa ennusu kkumi na ttaano, nga bwe mumanyi, nsobole okutuula tunyumyemu, era nsolooze ebisale byabwe eby'amasannyalaze. Kati kyatuuka ne kisukka, ne mbeera n'ebisale bingi nga ssisobola kubisolooza.

70 Naye, nnalowooza nti eyo y'engeri yokka gye nsobola okukikolamu. Ne nzuukuka.

71 Ekifo gye tubeera, Mwannyinaffe Larson, ssirowooza nga waali wano, abadde mulungi nnyo gye tuli; kati ekyo tayagala nkyogere. Naye mukyala mulungi nnyo, era tubadde tubeera mu mizigo gye. Alina emizigo ebiri, mizigo emitonotono egiri awamu, era gyombi twagipangisa. Era nze ne mukyala wange tusula wano eno ate mu—mu muzigo guli omulala gye nsisinkanira abantu bwe mba nsobodde, era mulimu ebitanda bibiri ebitonotono ebisulwako omuntu omu buli kimu.

72 Ne nzuukuka, naye mukyala wange yali tannazuukuka,

bwe waayitawo akaseera, n’azuukuka, ne mmuwuubirako, n’antunuulira n’atemereza amaaso ge emirundi egiwerako, ne mmubuuza nti, “Wasuze bulungi?”

Kko ye nti, “Nedda.”

Ne mmugamba nti, “Nnaloose ekirooto ekisingayo okuba eky’entiisa. Nnabadde nzizeeyo mu Kkampuni ya Gavumenti eri eya Piida.” Ne mmubuuza nti, “Kiki kye nnakola?”

73 Nzijukira, bwe nnali nkyali kalenzi kato, manya bwe nnali muvubuka omuto, nnatambulanga okulawuna layini ezo zonna e Salem, mu Indiana, ez’enjawulo . . . Nnabangako we nnyingira, ne ngulayo e—eky’enkya, ob’olyawo akabakuli k’obuugi bwa ssayiri. Mu kasana ako akookya ppereketya n’ebirala, kyampisanga bubi, okulya eky’enkya. Nnawangayo ssente kkumi, ku ssente ze nnabanga nfissizza ku ze nnina okusaasaanya. Atukulira kye yava ajja n’agamba, nti, “Mumanyi kye baagambye mu—mu lukiiko? ‘Musiru ki oyo eyawaddeyo ssente ekkumi, ku ky’enkya?’” N’agamba nti, “Waakiri wandiwaddeyo ssente ataano.” Kati, mwenna mukimanyi nti, ssente ataano kyabanga kyankya ekizito mu biro ebyo.

Kye nnava ŋŋamba nti, “Naye, nze eky’enkya eky’ezo ssente ssikimalaawo.”

N’agamba nti, “Naye, abalala bonna bawaayo ssente ataano. Naawe olina okuwaayo ssente ataano.”

Kko nze nti, “Naye, nze sizikozesa.”

Kko ye nti, “Naye era, ggwe mala gaziwaayo.” Oyo nga ye mukama wange ankulira.

74 Kati, mu nze ne ŋŋamba nti, “Kaakati, nkole ki? Nnina okuwaayo ssente ataano, ate ndye ssente kkumi.” Kye nnava nfuluma ne ŋŋenda wabweru ku luguudo ne nfunayo abaana abato abataalina kya nkya, ne mbawa ssente ana ezigula eky’enkya.

Kati ne nkirowoozaamu ne ŋŋamba nti, “Naye, kiki kye nnyinza okuba nga na . . . Ob’olyawo ekyo ky’Anvunaana.”

75 Era nzijukira, wano ebbanga si ddene eriyise, bajjira ku mmotoka eyo erawuna, ne bayuza oludda lw’ekikomera ekyo olw’emabega, ne bagamba nti “Waayo ssente zo.” Mukimanyi bulungi nti bakkirizibwa okulawuna, naye babeera balina okusasulira ebiba byonooneddwa.

76 Nnabawandiikira buwandiikizi ne mbagamba nti, “Temulina kye mummanja.” Mu nze ne ŋŋamba nti, “Ekyo kye bakoze kijja kusasulira ssente ziri amakumi ana. Ob’olyawo nnasaasaanya ddoola nga amakumi abiri oba asatu mu kiseera ekyo, nga nziwa abaana abato. Ob’olyawo ekyo kinaazisasulira.” Kyasigala kinzijira mu birooto.

77 Kati nnalina omuti omunene wabweru awo, abaana we baazaanyiranga mu kisiikirize kyagwo, naye emmotoka erawuna. . .Ennaku zino bakozesa nnyonyi nnamunkanga okulawuna. Kale yajja n'ambuuza nti, "Billy, omuti ogwo olaba otya bwe gutemebwa?"

78 Ne mmugamba nti, "Nedda, temugutemawo. Tugenda kugukomola." Ne mmugamba nti, "Nze n'Ow'oluganda Wood tugenda kugukomola."

Kko ye nti, "Nedda, nja kugamba abasajja bajje bagukomole."

Ne mmugamba nti, "Naye, togutemawo."

N'agamba nti "Ssijja kugutema."

79 Ne mbaako olugendo lwe nnagendako. Ŋŋenda okudda, nga gwatemeddwa guli ku ttaka. Kaakati awo nnali ŋŋenda kubakuba mu mbuga za mateeka, mukiraba. Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, Mukama, ku kye mmanyi, ensonga eyo kino kigenda kugigonjoola, nkimanyi." Bwentyo ekyo nakyo ne nkivaako, ne nkireka, ne nkyesonyiwa. Naye, era ne nsigala nga nkyakirootako.

80 Luli bwe nnazuukuka ku makya, nnagamba nti, "Kale. . . " Ekintu kye tusooka okukola ku makya bwe tuzuukuka, kwe kusabira awamu, ne tusaba n'ekiro nga tugenda okwebaka. Kale kati bwe yavaawo n'agenda okufunira abaana eky'enkya, ne ntandika okusaba. Ne ŋŋamba nti, "Ayi Mukama, nteekwa okuba nga mbadde muntu mubi nnyo. Kiki kye nnakola mu bulamu e—ekindeetedde okuba nga ssisobola kwekutula ku Kitongole kya Gavumenti ekyo ekya Piida?"

81 Ne ŋŋenda ne nnaaba, ne nkomawo. Ne wabaawo ekyalabikanga ekiŋŋamba nti, "Ob'olyawo omulimu *Gwe* ngulagajjalidde." Muli ne ŋŋamba nti, "Giigino waakayitawo emyaka nga etaano ssirina kye nnali nkoze, mmulindiridde bulindirizi."

82 Luli nnali nnyimiridde waggulu eri. Baatuzimbira amaka amapya erudda eyo, Ow'oluganda Mosley yajjayo, era yali agoogerako. Ne mmugamba nti, "Ako kalabo akatonotono okuva eri Kitange." N'atulika n'akaaba. Ne mmugamba nti, "Olaba, Yagamba nti, 'Bwe mulirekayo amaka gammwe, amayumba, ettaka, ba kitammwe, ba nnyammwe, ndibawa amayumba, amataka, ba kitammwe, ba nnyammwe, n'emirundi kikumi mu bulamu buno, weewaawo n'Obulamu Obutaggwaawo obugenda okujja.'" Ne mmugamba nti, "Okiraba, nnalina okulekawo ekkuŋŋaaniro lye njagala ennyo. Amaka gange Mukama ge yampa engulu eri, nnalina okugalekawo. Kaakati wuuno Ampaddemu gano." Ne mmugamba nti, "Mulungi nnyo, okiraba." [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] N'atulika n'akaaba.

83 Kati, ne—ne ŋŋamba nti, "Mbadde nzize wano kweyawula mbeereko nzekka, ky'ekindeese eno mu ddungu lino." Mu nze ne ŋŋamba nti, "Nneewuunya lwaki Katonda yandibadde andeeta mu ddungu, wano awatali kintu kyonna okuggyako enjaba n'agakonkome ag'obusagwa agayitibwa ga Gila?"

84 Ate ssi nti na ddungu kyokka, n'okuba nti lyokya, naye ne mu mwoyo ddungu. Ha, bannange! Amakanisa, tegaliimu bulamu wadde n'akatono, gawakanya . . . Nkukakasa, kiri tokirabangako mu bulamu bwo! Tetulina na kkanisa ya kugendamu, yadde ekintu kyonna. Era kati bwe . . . Abantu kyenkana babula kuzikirira, mu mwoyo. Nkiraba mu bantu abavaayo, ndaba enjawulo gye balina, bwe mbeetegereza.

85 Kale kati naawe sigala wansi w'Omwoyo wa Katonda, n'obulamu bwo bujja kufuuka obujjudde okwagala, obugonvu, nga amazzi bwe gatutunulayo omuddo guno n'obutunsi obugonvu. Singa . . . omuddo guno, mu Arizona, tegwandimeze; gino emiti gyandibadde ngabo ya kabaka, bino ebikoola byandyezinze ne bikola amaggwa. Bwe kityo bwe kiba bwe mufuuka abakalu mu kkanisa, buli omu abeera mu kufumita munne, nga bwe mumanyi. Era, mukiraba, olina okufuna amazzi amagonvu ag'enkuba okukugonza, osseeko ebikoola awamu n'ekisiikirize ku lw'omutambuze ayitawo.

86 Kaakati Ekintu ne kiŋŋamba nti, "Ob'olyawo ndagajjalidde omulimu gwa Katonda." Bwentyo, kye nnava nsaba nfune okwolesebwa.

87 Era Meda yali yaakanfunira Bayibuli empya; n'Ow'oluganda—Ow'oluganda Brown, okuva engulu mu Ohio, n'anfunira Bayibuli empya; bombi mu kiseera kye kimu, ku Ssekukkulu. Ne ŋŋenda ne nfunayo emu ku Bayibuli empya. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, mu biro ebyayita, Walina Ulimu Sumimu."

88 Kaakati muwulirize, kino leka nkyogere. Weewaawo, teba . . . bino, luno olukuŋŋaana telukwatibwa ku lutambi, y'ensonga lwaki mbuuza . . . y'ensonga lwaki bino mbyogera. Leka ŋŋambe nti, kino temukikola. Si kintu kirungi.

89 Naye nnagamba nti, "Ayi Mukama, edda kyali nti, omuloosi w'ebirooto bwe yalootanga ekirooto, bamutwalanga mu maaso ga Ulimu Sumimu, n'akyogera. Era Ulimu Sumimu bwe yamyansanga ekitangaala, Ekitangaala ekisukkulumye ku kya bulijjo, ekirooto ekyo kyabanga kituufu." Ne ŋŋamba nti, "Naye obwakabona obwo ne Ulimu Sumimu eyo kaakano tebikyaliwo. Bayibuli Yo kati ye Ulimu Sumimu; Mukama, kino nkusaba nneme kuddamu kukikola. Naye nkubuuzizza era nkusabye, Ompe okwolesebwa, oyogere nange ombuulire ensonga lwaki ndoota ebirooto bino. Nnakola ki? Bwe mba nnina gwe nnakola obubi, bwe mba nnina ekintu kyonna kye nnakola omuntu yenna mu nsi, ntegeeza. Nja—nja—nja kugenda nkitereeze. Bwe mba

nnina eky'okutereeza eri ab'Ekitongole kya Gavumenti ekya Piida, nga waliwo ekikyamu kyonna kye nnabakola oba omuntu omulala yenna, oba bwe waba waliwo ekintu kyonna ekikyamu kye nnakukola, ntegeeza. Nja—njagala kukitereeza."

90 Leka tukitereeze, kati. Tolinda luvannyuma lwa kaseera, bwandiba ekikeerezi ennyo. Leka tukikole kati.

91 Ne ŋŋamba nti, "Mazima ddala, waliwo ekiri mu Kigambo kya Katonda kino, okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa, nga mulimu omuntu omu gwe Wakolako, eyali mu ttuluba lye limu n'ekibuuzo kyange mwe kiri. Bwe wabaawo omuntu alina kye yakola, era—era n'Omulondoola nga omuvunaana ekintu ekyo, nzikiriza mbikkule mu Bayibuli omuntu oyo waali. Era bwe wabaawo omuntu yenna, kyonna kye yakola, kibeere eky'okulabirako gye ndi. We nkoze ensobi, oba nga waliwo ekintu ky'Oyagala nkole, oba kye ssinnakola, leka mbeeko omuntu gwe ndaba mu Bayibuli eyakola bw'atyo."

92 Ne nzibiriza amaaso gange, ne nta Bayibuli ne yeebikkula, ne nteeka olugalo lwange ku Kyawandiikibwa, Olubereberye 24:7. Erieza, omuweereza wa Ibulayimu omwesigwa, omuweereza atwalibwa nga eky'okulabirako mu Bayibuli, eyatumibwa okugenda anoonyeze Isaaka omugole. Nzenna ne mmera olutiko. Mazima, ekyo kye. . .ekyo kikwataganira ddala n'Obubaka bwange obulala bwonna, okuggyayo Omugole.

93 Yamugamba nti, "Layira nti omugole tolimuggya mu bantu bano, wabula nga onaagenda mu bantu bange bennyini."

Ye n'amubuuza nti, "Ate omukazi bw'atalikkiriza kujja nange?"

94 Kko ye nti, "Awo olibeera wa ddembe eri ekirayiro kino." N'amugamba nti, "Era Katonda w'Eggulu alituma Malayika We mu maaso go, akukulembere." N'agenderawo butereevu n'atandika okusaba, n'asisinkana Lebbeeka eyali alabika obulungi eyafuuka omugole wa Isaaka.

95 Bulina kuba Bubaka obutuukiridde, obuddayo ku Kigambo nga bugamba nti, "Genda oleete Omugole oyo!" Obwo bwe buvunaanyizibwa bwange. Eyo y'ensonga lwaki ndi wano. Ekyo kye ngezaako okukola, kwe kuyitayo Omugole.

96 Mujjukira mu California eri, okubuuzibwa okwo okukwata ku Mugole, manya okulagibwa bw'alifaanana, kwe nnabanyumiza wano. Engeri Omugole oyo gye yajjamu omulundi ogwasooka, ne mmulaba nga Ayitawo. Oluvannyuma ne wajja Nnalulungi wa Amerika, ne Nnalulungi wa Asiya, ne bannalulungi abalala bonna, ha, nga balabika bubi nnyo! Naye Omugole y'omu n'addamu n'ayitawo. Omu ku bo yali avudde mu lunyiriri, era nnali mmuzzaayo mu lunyiriri; weewaawo, baali babiri. Era ekyo kye nnali nnina okukola, kukuumira Mugole oyo mu lunyiriri, kunoonya musajja oyo.

97 Ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, ŋŋenda kuddayo eka, nzize buggya ebirayiro byange, era ntandike bupya." Kale ekyo kye tuteekateeka okukola, eyo y'ensonga lwaki ndi wano.

98 Ndowooza kijja kuba kirungi singa kino tukikola, ne tutandika nga kkumi na munaana, wiiki ejja, Ssande ejja ku makya, wamu ne ku Ssande ejja akawungeezi; tukiddemu ku Ssande eri eddako, ne ku Ssande eri endala. Bameka abalowooza nga ekyo kinaaba kirungi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mwebale.

99 Kaakati njagala mubeeko ne kye munkolera. Bw'oba olina abantu be wali wagamba nti wa—wagenda kubaawo olukuŋŋaana nga abiri mu munaana, nkusaba oddemu obagambe, nti tetujja kusobola kubeera nalwo. Bagambe, bawandiikire ebbaluwa, oba baako engeri endala yonna gy'obategeeza. Tetwagala bantu kujja ate ne tubayiwa, naye tetwasobode kufuna kizimbe mwe tusobola kukuŋŋaanira.

100 Mukiraba, tetwasobodde kukifuna. Era ndowooza kyavudde ku kuba nti olukuŋŋaana lwe twasembayo okuba nalwo twalinayo abantu bangi nnyo, n'ebirala ebyabaawo, kale ba . . . Mumanyi abantu bwe beeyisa, kale ba . . . Naye, ekyo kiri lwakuba tuli mu nnaku za luvannyuma, kye kyokka. Kati bagamba mbu abantu bajja ne bataataaganya essomero, era baakeera nnyo, era baakola *kino,* oba *kiri,* oba ekirala, era ekifo kyalimu abantu bayitirivu obungi, era omukugu avunaanyizibwa ku kulaba nga ebizimbe bigoberera amateeka n'enkola z'okwerinda omuliro akola *kino* na *kiri*. Era, n'ebirala, nga bwe mumanyi.

101 Kale Ebibya ebyo tujja kubyogerako wamu n'Amakondeere ago, nago njagala ngagattemu. Nnabagamba nti nja kugoogerako. Gajjira wansi wa kintu kirala. Bwe bityo n'Ebibya bijja luvannyuma, nga amakondeere gamaze okufuuyibwa; naye twagala kukwata ku ky'okuyigako ekyo kyonna wamu mu bulamba bwakyo, tukyogereko, byonna tubikwataganye.

102 Bameka abaasomye ku mulimu gw'Ow'oluganda Vayle, gwe yakola ogw'okuddamu okuwandiika ekitabo ekyo, n'okukintereereza ggulama waakyo? Mulina ekitundu kyonna kye mwasomyeko? Mulina kye mwasomyeko, babiri oba basatu ku mmwe. Ndowooza wakola omulimu ddala ogw'ettendo, Ow'oluganda Vayle, mulimu ddala ogw'ettendo! Ggwe, ndowooza Mwannyinaffe Vayle ye yagukola; ggwe wawandiika buwandiisi. Yali—yali . . . Mukiraba, tekiri nti lubeerera mbeera nvumirira abakazi, bwe kiri, Mwannyinaffe Vayle?

103 Kale kaakati leka, okumala eddakiika nga kkumi na ttaano, oba abiri eziddako, tubeeko Ekyawandiikibwa kye tusoma wano.

104 Era nnina wano akatabo. Nnina gwe nnagamba, ndowooza, yali Waaluganda Vayle, oba, yali ani, oba ndowooza yali Roy

Borders. Ow'oluganda Vayle ye yakangulira. Njagala mbeeko akatabo akatonotono ke nkola.

105 Wabula ssimanyi oba waliwo omuntu yenna eyali alabye ku bye mpita nti bye ŋŋenda okubuulirako! Okugeza bwe njagala okubuulira ku Mmunyeenye ey'Enkya, nja kukuba emmunyeenye. Ate bwe njagala okubuulira ku. . .Byonna mbiwandiika mu ngeri ya bubonero wano eno, bibeera bikoloboze, tewali ayinza kumanya kye bitegeeza. Bwe mbeera wabweru, ne mbaako ekintu kyonna kye ndowooza, mbeera nnina, bwe mbeera ku luguudo nga nvuga, oluusi emmotoka ebeera ebuukabuuka, era mpandiika *kino*, ne ŋŋamba nti *kino* na *kiri,* ne mbaako obubonero obutono bwe nkuba, n'omusaalaba n'entindo, ne—n'ebintu ebya buli ngeri. Ka tugeze njagala kubuulira ku kukka kwa Mmunyeenye; nja kukuba piramiidi, njikube erudda wano ngiteekeko emmunyeenye ya Dawudi ey'ensonda ettaano nga egikkako. Era mbeera mmanyi wa we ŋŋenda okukebera mu Byawandiikibwa; ne Musa, ekintu kye yakola. Mbaako layini ze nkuba, eziraga nti ebintu bino bikwatagana.

106 Nnina bingi ebifaananako bwe bityo munda wano eno. Era nnalowoozezza nti, ku makya ga leero, bwe nnabadde nkyali eri bwe nnalowoozezza nti nja kwogera ku ky'okuyigako kino wano okumala eddakiika entonotono, n'olw'ekyo, ob'olyawo kinantwalira eddakiika nga abiri.

107 Naye kati akawungeezi ka leero sijja kutwala lukuŋŋaana lwa Waaluganda Neville. Akawungeezi ka leero ŋŋenda—ŋŋenda—ŋŋenda kuwummula, mmuwulirize.

108 Era okuva awo, Mukama bw'anaaba ayagadde, ku Ssande ejja ku makya tujja kutandika olukuŋŋaana. Kale mwenna munnyambe, tusabe, kubanga kyali mu mutima gwange okugezaako. . .Baagamba nti, "Naye, tusobola okugenda mu Louisville oba tusobola okugenda mu New Albany." Naye olukuŋŋaana lwali lulina kubeera lwa Jeffersonville. Mu Louisville ne mu New Albany nja kugendayo, emirundi emirala, naye luno lulina kubeera wano mu Jeffersonville.

109 Kaakati leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera nga bwe. . .Mbadde njogera gye muli wano okumala eddakiika nga amakumi asatu. Leka twogereko Naye okumala akaseera.

110 Ayi Mukama waffe Yesu, mazima ddala tuli—tuli bantu ab'omukisa, okusukkuluma endowooza zaffe, okusukkuluma bwe tutegeera. Kubanga, ssinga wabaddewo omukungu mu makkati gaffe, nga omuntu ow'ekitiibwa okuva mu ggwanga eddala, oba omukungu ow'engeri yonna, twandirowoozezza nti kya kitiibwa nnyo ffe okubeera n'omuntu ow'ekitiibwa bw'atyo mu makkati gaffe. Naye olwa leero tulina Katonda w'Eggulu, nga tali bubeezi mu makkati gaffe, wabula nga atuula, munda mu ffe, nga Obulamu Bwe buli mu ffe. Era kino

tukikwebaliza nnyo nnyini, ayi Mukama! Weewaawo, kisusse okutegeera kwaffe.

111 Naye kati bwe twogera ku nkuŋŋaana ezo, n'okugenda mu Afirika, n'ebintu bye tugezezzaako okutegeka okuba nabyo mu nnaku zino entono ze tugenda okubeera wano mu Indiana. Era mu ngeri emu oba endala, ayi Mukama, wandiba nga Otuluŋŋamya ku kya kubeera na weema eyo, okusobola okutuukiriza okwolesebwa okwo. N'olwekyo ky'Oyagala kikolebwe, tubiwaddeyo bwe tuti, mu ngeri esingayo gye tumanyi. N'olwekyo tukusaba, ayi Mukama, bwe wabaawo ekintu kyonna ekikontana n'ekyo ky'Oyagala, Okitubikkulire, tusobole okumanya okukolera ddala nga bw'Oyagala.

112 Kaakano tuwe omukisa mu ddakiika zino entono eziddako. Yogera naffe okuyita mu Kigambo Kyo, ayi Mukama, kubanga Ekigambo Kyo ge Mazima. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Leka tubikkule mu Bayibuli, mu Makko, essuula ey'o 8.

113 Mutera kufuluma ssaawa mmeka, ssaawa mukaaga ez'omu ttuntu? [Waliwo agamba nti, "Ku ssaawa nga mukaaga ez'omu ttuntu."—Omuk.] Kale. Kaakati, kati nninawo wano Obubaka obutonotono bwe nsobola okwogerako gye muli ku Kigambo, oluvannyuma lw'okubawa obujulizi bw'olugendo lwe nnagendako, n'ebirala.

114 Makko, essuula ey'o 8, era leka tutandikire awo nga ku lunyiriri olwa 34, okutuuka ku lwa 38, n'olwa 38 tulusome, tusome essuula eyo yonna okutuuka w'ekoma. Njagala nnyo okusoma bye Yayogera, kubanga nkimanyi nti ebyo bituufu. Kaakati tu...

> *N'ayita ebibiina n'abayigirizwa be, n'abagamba nti, Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe, angoberere.*
>
> *Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza;...buli alibuza obulamu bwe ku lwange n'olw'enjiri, alibulokola.*
>
> *Kubanga kimugasa ki omuntu,* bw'alya *ensi zonna, naye n'afiirwa obulamu bwe?*
>
> *Kubanga omuntu yandiwaddeyo ki okununula obulamu bwe?*
>
> *Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange mu mirembe gino egy'obwenzi era emibi; n'Omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi oyo lw'alijjira mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika abatukuvu.*

115 Awo njagala nzigyewo omutwe gw'eky'okuyigako omutonotono, bwe guba gwa kuyitibwa mutwe, ogugamba nti: *Okukwatibwa Ensonyi*. Omanyi, ekyo nkyagala nnyo.

"Yenna ankwatirwa ensonyi n'Ebigambo Byange, Nange ndimukwatirwa ensonyi."

116 Kaakati, ekigambo *okukwatibwa ensonyi* era kisobola okuvvuunulwa nga "okuswala." Mumanyi, ekintu ky'o... Wabaawo ekintu ky'owulira nga kikuswaza, nga kikukwasa ensonyi.

117 Ekyo, n'ekirala okukwatibwa ensonyi kye kikola, kiraga nti ky'oyogerako tokyekakasa. Bw'obeera nga ky'oyogerako okimanyi, era nga olina obukakafu nti ky'oyogerako okimanyi, obeera osobola okukigamba omuntu yenna; obeera tokwatibwa nsonyi. Naye bw'oba owulira nga webwalabwala, nga tolina buvumu, kiraga nti toli mukakafu.

118 Bwe weetegereza obulungi okiraba nti ekyo weekiri nnyo ensangi zino, naddala ku ky'okuyigako kye njogerako ekya, "Okukwatirwa Ekigambo Ensonyi." Kati, Ye n'Ekigambo bali kimu.

> *Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda.*
>
> *Kigambo n'ayambala omubiri, n'abeera gye tuli,...*
> Nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna!

119 N'olwekyo, "Yenna ankwatirwa ensonyi n'Ekigambo Kyange," ate nga Ye n'Ekigambo Kye bali Omu, n'olwekyo okukwatirwa Ekigambo Kye ensonyi mu mulembe guno omwonoonyi, omulembe ogw'akakyo kano, "Nange ndimukwatirwa ensonyi."

120 Kati tukiraba ensangi zino, nti omuntu bw'akubuuza nti, "Oli—oli Mukristaayo?" Kya bulijjo, okuddamu nti, "Ha, ndi Mukristaayo!" Mukiraba?

121 "Naye okkiriza Ekigambo kya Katonda, we Kigamba nti, 'Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza'?"

122 "Ha!" N'abaweereza bennyini ojja kulaba nga beebwalabwala. Mukiraba?

123 Ekintu nga, ka tugeze, okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kikukwasa ensonyi? Enjiri enzijuvu ekukwasa ensonyi? Obumanyirivu bwo obwa pentekoote bukukwasa ensonyi? Okwo kwe kukwatirwa ensonyi Ekigambo Kye. Ekyo kye Kigambo Kye nga kyambadde omubiri mu ggwe.

124 N'olwekyo, Ekigambo Kye kirina okulabisibwa nga Kiramu mu buli mulembe. Kyalabisibwa nga kiramu mu biro bya Musa. Kubanga, mu biro ebyo, Bayibuli egamba, mu Abaebbulaniya, essuula 1 nti, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi."

125 Era bannabbi abo! Ekkanisa yonna yakyamizibwa okukamala okutuusa nti bwe...Bannabbi abo, ababaka ba Katonda abataali batiitiizi, bajjanga nga tebalina kkanisa

mwe bajjidde, tebalina kibiina kya ddiini, tebalina kibiina, nga tebalina kintu kyonna; ne basoomooza bakabaka, obwakabaka, amakanisa, na buli kimu kyonna. Bakabona bwe baaleetebwanga mu maaso…Bannabbi abo bwe baaleetebwanga mu maaso ga bakabona, tebaakwatibwanga nsonyi, kubanga bajjanga butereevu ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

126 Bwe weetegereza obulungi, nnabbi, mu makulu agamu ag'ekigambo ekyo, mu Ndagaano Enkadde, bwe yagambanga nti BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kaakati mulabeeyo, mu kwogera bw'atyo butereevu yabanga atutte ekifo kya Katonda. Bwe weetegereza obulungi, bwe yayatulanga ebigambo ebyo nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, butereevu yabanga mu Katonda, era yakolanga nga Katonda. Era yawanga Obubaka bwe, nga mu ekyo Katonda ye yabanga amwogereramu nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!"

127 Ndowooza ku bannabbi ab'edda, bwe bajjanga n'Obubaka obwo, ne Buswaza bakabaka, ne Buleetera abantu okuwulira obubi. Ne bakabona, bennyini, nabo baawuliranga bubi, kubanga baali balina kuba bakulembeze, bannaddiini, naye bwe ba…Ekigambo bwe kyajjanga mu ngeri eyo, Kyabaasanguzanga, ne bawulira nga baswala, oba nga bakwatibwa ensonyi.

128 Era emirundi mingi ekyo tukiraba, si mirundi mingi, wabula tukiraba nnyo ensangi zino! Omusajja oyo, agamba nti, "Ndi Mukristaayo!"

"Wali ofunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde okkiriza?"

"Ha! Huh!" Mukiraba, Omwoyo Omutukuvu a—amukwasa ensonyi.

129 Omuntu n'abuuza nti, "Naawe oli mu kibinja kiri eky'abantu bali abali engulu eri abaleekaana, n'ebyo byonna eby'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda?" Emirundi mingi Abakristaayo bakyesamba.

130 Baagala okulangirira, bw'a—bw'aba alina ekibiina ky'eddiini mw'agwa, kati, "Ndi Mubaputisiti. Ndi Mupulesibeteriyani. Ndi Muluzalaani." Ekyo tekibakwasa nsonyi.

131 Naye bwe kituuka ku kubeera Omukristaayo asobola okutwala Ekigambo kya Katonda ddala nga bwe Kiri, awo ku ekyo ba—ba—bakwatibwa ensonyi. "Sirina kibiina kya ddiini kyonna mwe ngwa," mukiraba, ekyo ki—ekyo kibakwasa ensonyi okukyogera. Baagala babeere nga abalala bonna mu nsi, nga balina ekibiina ky'eddiini ekibakiikirira.

132 Kati, ekyo kye kijje kibeere bwe kityo jjuuzi wano. Mu biro bya Luther, okweyoleka nga Omuluzalaani oba omugoberezi wa Luther, nkukakasa, kyenkana kyabanga kitegeeza kuttibwa

ekereziya Katolika. Mu biro bya Wesley, okukimanya nti wawakanya ekkanisa y'Abangirikaani, kyenkana ekibonerezo Abangirikaani kye baakuwanga kwabanga kuttibwa, ggwe okulangirira nti oli Mumesodisiti. Mu nnaku z'Abapentekoote, kyenkana, kyali kiswaza, ggwe okugamba nti oli—oli mupentekoote, kubanga mangu ddala watwalibwanga okuba omutukuvu eyeevulunga, oba—oba omuntu ayogera ennimi, oba ekintu eky'engeri eyo. Kati beekolamu ekibiina ekigunje ne bakola nga abasigadde bonna.

133 Kati ekiseera eky'okuyitibwa okufulumayo bwe kituuka, nti tolina kubeera kitundu ku bibiina ebyo! Kya ttutumu nnyo okugamba nti, "Ndi Mupentekoote." Kya ttutumu nnyo okugamba nti, "Ndi Mupulesibeteriyani. Ndi Muluzalaani." Naye ate ekiseera bwe kituuka nga olina okuvaayo oyimirire ku lw'Ekigambo ogambe nti, "Sirina kibiina kya ddiini kyonna mwe ngwa"? Awo, awo owulira nga oswala.

134 Yesu yagamba nti, "Kati, bw'oba onkwatirwa ensonyi, Nange ndikukwatirwa ensonyi." Lwaki Aba akukwatirwa ensonyi? Kubanga ogamba nti oli Wuwe, naye ate toyagala kumugoberera.

135 Watya ssinga ŋŋamba nti, "Omulenzi ono omuto, mu—mutabani wange"; naye n'akyuka n'agamba nti, "Ani, nze okuba mutabani wo? Olowooza ndi ki!" Kyandinswazizza. Naawe kyandikuswazizza, singa abeera mutabani wo.

136 Naye ekyo kye tuyita Obukristaayo ensangi zino. Bw'obutuuma erinnya ly'ekibiina ky'eddiini, ekyo tebakirinaako buzibu, bajja kukkiriza ekibiina ky'eddiini okubeera taata gye bali. Naye bwe kituuka ku kukkiriza Ekigambo kya Katonda okubeera taata gye bali, Kristo, ekyo nedda, bawulira nga baswala. Tebaagala kugamba nti, "Weewaawo, nnayogera mu nnimi. Weewaawo, nnali ndabye okwolesebwa. Weewaawo, nzikiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Weewaawo, ntendereza Mukama. Ndi wa ddembe okuva eri ebibiina byonna, ssirina n'ekimu ku byo kye nvunnamira. Ndi muweereza wa Kristo." Ha, bannange, ekyo kibayuzaayuza obulere.

137 Akawungeezi ka luli, waliwo omwogezi ow'amaanyi eyajja mu nkuŋŋaana z'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu mu Chicago.

138 Leka nnyimiriremukko wano katono, njogere kino. Munsonyiwemu. Naye emirundi mingi mugenda ne mulowooza, era nange bwe ndowooza, nti kye twogerako, Amazima ga Bayibuli, nti eri mu bantu tegatuukayo. Naye, Gatuukayo. Emirundi egimu bajja kugolokoka bagalwanyise, naye tebakikola mu bugenderevu. Babeera bagezaako kuzuula w'oyimiridde.

139 Nga emboozi emu ekwata ku kibinja ky'abatamiivu, abaali bawakana mbu eby'Obukristaayo tebiriiyo. Omusajja omu

n'agamba nti, "Nze waliwo gwe mmanyi gy'ali, ye mukyala wange."

Munne n'amugamba nti, "Naye, nze—nze ssikikkiriza."

Ye n'abagamba nti, "Mmwe temufaayo, tugenda ku. . .leka ffenna twefuule nga abatamidde ennyo."

140 Ne bagenda eka, ne bakola buli kimu kyonna kye baasobola okukola. Ne—n'amugamba abasiikireyo ku magi, naye bwe yagaleeta omwami n'agasuula wansi, n'amugamba nti, "Okimanyi bulungi nti amagi gange tolina kugasiika bw'otyo!" Ne yeecwacwana mu nnyumba. Ne bagenda mu kisenge ekirala, ne bagwa mu ntebe. Ne bawulira omuntu mu kisenge mwe bavudde nga ayera, teyabaanukula kigambo kyonna, ne bamuwulira, nga alina akayimba ke yeeyimbira nti:

> Ddala Yesu asaanye yeetikke omusaalaba yekka,
> Ensi yonna egende ngalo nsa?
> Waliwo omusaalaba eri buli omu,
> Nange nnina omusaalaba ogwange.
>
> Era omusaalaba guno omutukuvu nja kugwetikka,
> Okutuusa okufa lwe kulinsumulula,
> Olwo ŋŋŋende Eka nnyambazibwe engule.

141 Omusajja oyo omutamiivu kye yava abuuza banne nti, "Kiki kye nnabagambye?" N'agamba nti, "Mukristaayo!" Mukiraba, baali bamugezesa bugezesa. Era nkizudde, nti oluusi ensi, ebeera ekugezesa.

142 Kale kino ssaakirowoozaako nti kisobola okubaawo, naye akawungeezi k'Olwomukaaga oluwedde, nzikiriza lwe kyabaawo, oba akawungeezi ka Ssande, omwogezi ow'amaanyi. . .Ssitera kumenya mannya ga bantu. Naye omusajja oyo agezaako, okukola ekyo kyennyini ekikontana. Ngezaako okulaba nti amakanisa ago tegeegatta ku mugendo ogwo ogw'okwegatta kw'amadiini, naye omusajja ono ye agezaako kugayingizaamu. Kati, yali abuulira mu lukuŋŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo. Nga, olukuŋŋaana olwo nze nnalina okulubuuliramu e Chicago, ne ndowooza nti mu kiseera ekyo nja kuba mu Afirika, kale ne ssisobola kulutwala. Omusajja ono yagamba, yajja ku kituuti n'agamba nti, "Omugendo ogukyasinzeeyo okuba ogw'amaanyi, ekintu ekikyasinzeeyo okuba eky'amaanyi mu nsi mu kiseera kino, ekyali kibaddewo; amakanisa gonna gaddayo eri ekereziya Katolika, mu mugendo gw'okugatta awamu amadiini gonna, era Abakatuliki bajja kufuna Omwoyo Omutukuvu." Ako nga katego ssetaani k'alina!

143 Omukulembeze ono, Ow'oluganda Shakarian, akulira ekibiina ky'Abasajja Abasuubuzi mu Nsi yonna, kye yava ayimirira n'agamba, omusajja bwe yamaliriza okwogera

n'atuula wansi, n'agamba nti, "Bwe tutyo si bwe twakiwulira." N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham yatugamba, nti, 'Omugendo guno ogw'okugatta awamu amakanisa gonna gwe gunaagayingiza mu kabonero k'ensolo.'" Nga omusajja atudde ku kituuti. N'agamba nti, "'Gwe gugenda okugatwala mu kabonero k'ensolo.'" N'agamba nti, "Ffe tukkiriza nti by'ayogera ge Mazima." N'abuuza nti, "Bameka ku mmwe abandyagadde okuwulira Ow'oluganda Branham nga ajja abannyonnyole ensonga eyo mu butuufu bwayo? Musituke." Era waaliwo abantu nga enkumi ttaano n'omusobyo. Ne baleekaana ne bakaaba, nga baagala ŋŋendeyo waakiri olunaku lumu bwe luti, olunaku lumu.

144 Ow'oluganda Carl Williams n'ankubira essimu, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nkubuulire, nnayise mu kibiina kiri," n'agamba nti, "bankwasizza entuumu n'entuumu z'obupapula obwa ddoola kikumi mu ngalo zange, okusasulira tikiti yo ey'ennyonyi okukuleeta wano, n'okukuzzaayo." Mukiraba, waakiri olunaku lumu lwokka!

145 Mukiraba, abantu abo, Ekigambo ekyo kibannyikiramu newankubadde oluusi tetukimanya. Mukiraba? Naye, olaba, bw'obeera nga ddala. . .Ensi ne bw'ekirwanyisa okwenkana wa, ebibiina by'amadiini ne bwe bikiwakanya okwenkana wa, Katonda akikakasa okuba nti ge Mazima. Ku nkomerero ya byonna akaseera kali akakulu bwe kanaatuuka, wajja kubaawo ebintu ob'olyawo bye tutaalowoozanako.

146 Weewaawo, kiraga nti toli mukakafu, bw'oba oswala, n'olwekyo kyandibadde kirungi ensonga eyo n'otagyogerako. Bw'eba nga enaakukwasa ensonyi, kisingako n'otagyogerako; n'osirika.

147 Naye omuntu eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu ayinza atya, omuntu ajjudde Amaanyi ga Katonda, era alina okwagala kwa Katonda mu mutima gwe, ayinza atya okwogera n'omuntu okumala eddakiika entonotono n'atabaako kintu kyonna ky'ayogera ku kwagala okwo kw'alina mu mutima gwe? Mukiraba, waliwo ekintu nga bwe ki—bwe kibaawo; toyinza butakyogerako.

148 Bino, biteekwa okuba nga by'ebiro ebibi Yesu bye yali ayogerako. Abantu bakwatirwa ensonyi Ekigambo n'Omwoyo wa Katonda abakoleramu. Naye Amazima bwe galambikibwa eri abantu ne bagategeera, awo abeera Katonda, Mwene, nga Yeebikkula okuyita mu Kigambo.

149 Kati, omuntu yenna asobola okubaako ebintu eby'engeri yonna by'ayogera. Era tubadde nabyo mu nnaku zino, lwe wabaddewo bingi ebyogeddwa, ebibadde byennyamiza okukamala. Naye, mulaba, bwe wabaawo Amazima, gateekwa okuba nga gakwatagana n'Ekigambo. Kubanga, bagamba mbu baalina ebintu ebya buli ngeri, nga eby'amafuta okukulukutira

mu bantu, n'omusaayi okuva mu bibatu byabwe, n'abakazi okuvaamu omusaayi guno mu mugongo, ne gukulukuta okutuuka mu ngatto zaabwe, ne bakwata engatto zaabwe ne baziwanika ne zivaamu amafuta, ne muvaamu n'ebikere ne bigenda nga bibuukabuuka ku kituuti, n'ebintu ebya buli ngeri bwe bityo. Mu Bayibuli temuliimu bintu bya ngeri eyo. Mu Bayibuli, temuliimu kisuubizo kya kintu bwe kityo. Okuggyako, Egamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, emyoyo giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti ogw'obulimba gwandirimbye n'Abalonde ssinga kyali kisoboka." Naye ebyo tewali Kyawandiikibwa kibyogera.

150 Naye bwe kituuka ku Kigambo kya Katonda ekya nnamaddala, ekitajunguluddwa, Katonda ky'akakasizza, ekyo Kirabika nga ekiswaza n'ekibiina kiri ekirala, ku ludda lw'abo abeeyitiriza. Mukiraba, Kiriko ekiswalo.

151 Naye Kya nnamaddala eri omusajja yenna oba omukazi, omulenzi oba omuwala, Omukristaayo yennyini owa nnamaddala. Katonda bw'aba yakola ekisuubizo ky'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, era n'omufuna, wabaawo Ekintu ekitebenkera munda mu ggwe, nga tewali kintu kyonna kisobola kutwala kifo kya Kyo. Omuntu bw'amala n'asisinkana Katonda; nga si kukyamuukirira okw'engeri yonna, oba okubuguumirira obubuguumirizi, oba enjigiriza y'eddiini, oba katekiisimu oba ekiyiiye eky'enzikiriza, oba ekigunje nti ky'akkirizza a—asobole okutebenkera nga ye, naye bw'abaako ekimutuukako kyennyini nga ekyatuuka ku Musa, emabega w'eddungu, n'ogasimbagana ne Katonda Omuyinza w'ebintu byonna maaso ku maaso, n'olaba Eddoboozi nga lyogera gy'oli, nga likwataganira ddala n'Ekigambo awamu n'ekisuubizo ky'ekiseera kino, wabaawo kye Kikukola! Mukiraba, tokikwatirwa nsonyi, Kibaako ne kye kikukola. Kaakati, leka tubeeko ne kye tulaba kaakano, okumala eddakiika kkumi na ttaano eziddako zokka.

152 Waliwo abantu abamu abafuna obumanyirivu bwe butyo. Era nga bwe njogera gye muli olwa leero, soogera nga ayogera eri ekkanisa oba ekibiina ky'eddiini, njogera gye muli nga ayogera eri omuntu ssekinnoomu; si lwakuba osabira wano mu kkuŋŋaaniro lino, oba kubanga nkwagala era naawe onjagala, si lw'ekyo. Leka njogere naawe nga omuntu afa, nti lumu olina okutuuka ku nkomerero y'obulamu buno. Era nnyinza obutabaawo, n'omubuulizi omulala ayinza obutabaawo. Naye waliwo Omu yekka Asobola okukusisinkanayo, era nga oyo ye Katonda. Era Oyo gw'o—gw'oba owuliriza, mu kifo ky'okwesigama ku bya "mukyala wange Mukristaayo omulungi" oba—oba "omwami wange Mukristaayo omulungi," wabula weebuuze nti, "Nteredde ne Katonda? Nnasisinkana Katonda bwentyo?" Si lwa kuba "omusumba wange yasisinkana Katonda," oba kubanga "omudiikoni wange yasisinkana

Katonda," wabula, "Nze nnamusisinkana?" Si lwa kuba "Nnaleekaana," si lwa kuba "nnayogera mu nnimi," wabula kubanga, "Nnamusisinkana Ye nga Omuntu!" Awo Ekyo tekirikukwasa nsonyi, waliwo Ekintu ddala ekituukiridde era ekirongoofu, era eky'amazima.

153 Kati jjukira nti, osobola okubaako omwoyo gw'osisinkana ogwefaananyiriza Katonda. Osobola okubaako omwoyo gw'osisinkana, ne gukola *kino*, *kiri*, oba *ekirala*; gulondoole ogwekkaanye okumala akaseera olabe bwe gukwatagana n'Ekigambo kya Katonda. Osobola okubaako omwoyo gw'osisinkana ne gukugamba nti walokoka, ne gukuleetera okuwulira obulungi ennyo, n'oleekaana n'owoggana; naye ate bwe kituuka ku kusambajja Ekigambo, Omwoyo Omutukuvu, eyawandiika Ekigambo, ayinza atya okusambajja Ekigambo Kye Ye? Omwoyo ogwo guteekwa okukkaatiriza buli kisuubizo kya Katonda ne "amiina"! Bwe kitaba bwe kityo, obeera tosisinkananga Katonda, wasisinkana mwoyo gwa bulimba. Era ensi ejjudde omwoyo ogwo ensangi zino!

154 Naye bwe mulaba Katonda nga akka wansi n'ayogera, nti waliwo ekintu gundi ky'Agenda okukola, era n'akomawo n'akikola, buli mulundi buli mulundi buli mulundi, awo mubeera mulina Omwoyo wa Katonda owa nnamaddala.

155 Omwoyo ayinza atya okubeera ku muntu, Omwoyo Omutukuvu eyawandiika Bayibuli, ate n'agisambajja n'agamba nti, "Ekyo si kituufu, Ekyo kyali kya biro birala"?

156 Yagamba nti, "Ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita." Ekyo kyali mu Bikolwa by'Abatume 2:38. Kati omwoyo ayinza atya okukkiriza ekintu ekirala kyonna ekyawukana ku Ekyo, n'aba nga wa Katonda, nga Abaebbulaniya 13:8 wagamba nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna"?

157 Watya ssinga omuntu agamba nti, "Ha, nzikiriza Yali mufirosoofa. Yali musajja mulungi. Yali nnabbi. Naye ku kikwata ku maanyi Ge. . . "

158 Luli ekiro nnali njogera ne George Smith, omuvubuka ayogereza muwala wange, Rebekah; omuvubuka omulungi, yayimbako wano mu kkuŋŋaaniro. Muvubuka Omubaputisiti eyatwala. . .n'amugamba nti, "Erinnya lyange liggye ku kintu ekyo! Ssaagala kuba na kakwate konna nakyo." Era waaliwo omuwala omuto. . .Baalina olukuŋŋaana, mu kkanisa eno y'Ababaputisiti, waggulu eri mu busozi.

159 Era—era baali bannwaanyisiza ddala, bonna abaaliyo, naye nga si. . .Nze tebanninaako nsonga yonna; wabula balwanyisa Kigambo kino. Nze, nga omuntu, tebalina kintu kyonna kye basobola kunjogerako, ssibakolangako kabi. Naye batya *Ekyo*. Mukiraba? Kati twali. . .

160 Baalinayo olukuŋŋaana luno engulu eyo, manya, era baalina, baali bagenda kubeera n'omuminsani y'aba abuulira ebiro ebisatu ebisembayo eby'olukuŋŋaana luno olw'amaanyi, olwali waggulu eyo mu busozi awaweweevu. Ekyabaawo, omuminsani ono yasituka n'abikkula mu Makko 16, n'agamba nti, "Ensangi zino waliwo abantu bangi abatasobola kukkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda." N'agamba nti, "Nnali mu Buyindi. Ndi Muyindi. Era nnali mu Buyindi omusajja okuva wano mu Amerika, ayitibwa Ow'oluganda Branham, bwe yajja." Omusumba n'atanula okusembera we yali. N'agamba nti, "Mukyala wange kookolo yali amutta. Nze nnali muzibe wa maaso," oba ekintu bwe kityo. "Omu ku ffe yamusabira, ate omulala n'amuyitayo okuva mu kibiina, nga tamanyi na lulimi lwaffe, n'ayogera Amaanyi ga Katonda." N'agamba nti, "Ffembi, tuwonyezebwa!" Weewaawo, baagezaako okumusirisa. Ne balemwa. Ekyo, mukiraba, mu lukuŋŋaana lwabwe lwennyini.

161 Ne batuuka n'okwegaana nti tewali kyabaawo. Era abamu ku bantu, ne. . . mwannyina w'omulenzi ono, na bonna abaaliyo, baagaana okubaako ekintu kyonna kye boogera. Baali baaagala kumanya oba teyalina kakwate, babeeko engeri gye bagenda bazuule.

Omu ku bakyala n'agamba nti, "Naye, nze nkikkiriza."

162 Rebekah ne George ne bagenda balabe omukyala ono. Omukyala n'agenda n'afuna omuwala eyali omulwadde wa—wa. . . alinga atategeera bulungi, bw'atyo. Kati luli ekiro, bantwalayo ndabe omuwala oyo. Ne ŋŋendayo, omuwala oyo yali atudde awo, ne mmubuuza nti, "Oli mukkiriza?"

163 N'agamba nti, "Nedda, ssimanyi oba ndi mukkiriza oba nedda." Kati, tekyali nti yali tategeera bulungi; wabula yaliko dayimooni. Tebakitegeera butegeezi. Mukiraba, dayimooni eyo ekuwamba, naye nga tokimanyi. Ejja, olwo effujjo ne liwamba omuntu oyo, naye n'atakimanya.

164 Abakazi abatambula wano ku nguudo, nga bambadde obuwale buno obumpi, tebakitegeera. Basobola okuba nga, bandiba nga basobola okukikakasa n'okulayira ne balayira, nti tebalina kikyamu kyonna kye baali bakoze ku babbaabwe, n'abalala, bwe batyo. Naye mu mitima gyabwe, tebakitegeera, naye baawambibwa omwoyo gwa ssetaani. Gwabawamba. Nsonga ki eyandireetedde omukazi okwagala okweyambulamu engoye ze, mu maaso g'omusajja? Waliwo omuntu omu yekka eyakikola, mu Bayibuli, era yali mutabufu wa mutwe. Abalala bagezaako okwebikkirira; naye tebakitegeera. Omwoyo ogwo mukalabakalaba nnyo, mukujjukujju nnyo! Olina okwegendereza, weepime n'Ekigambo kya Katonda, olabe wa w'oyimiridde.

165 Omuwala ono omuto n'agamba nti, "Ha, nze baŋŋamba nti nnabatizibwa nga nkyali muto." N'agamba nti, "Ssimanyi oba

ebyo mbikkirize oba nedda."

Ne mmubuuza nti, "Yesu Kristo tomukkiriza?"

166 N'agamba nti, "Eky'amazima, ssimanyi oba mmukkiriza oba nedda." N'agamba nti, "Ebimu ku bintu ebyo ebitaliimunsa, nze sibikkiriza."

167 Kko nze nti, "Ddala, weewaawo, tokkiriza bintu bitaliimu nsa." Ne mmubuuza nti, "Naye okkiriza nti Yali Mwana wa Katonda?"

"Ha," n'agamba nti, "Yandiba nga kye yali."

168 Ne mmubuuza, ne mmubuuza nti, "Okkiriza nti Ye omu leero, ye Katonda oyo asobola okukulokola?"

169 N'ambuuza nti, "Ekyo kirina akakwate konna n'ebintu ebyo eby'ebyamagero n'ebintu eby'engeri eyo? Ebyo ssibikkiriza n'akatono."

170 Ne mmubuuza nti, "Wandikoze ki ssinga obadde otudde mu lukuŋŋaana n'olaba Katonda, Omwoyo Omutukuvu, nga ye Katonda yekka aliyo, nga akolera mu bantu; Katonda mu bwa Kitaffe, Empagi y'Omuliro, ne bannabbi; Katonda mu Mwana We; ne Katonda mu bantu Be? Ezo ngeri za Katonda mwe yeeyolekera, Katonda omu ow'amaanyi Amaamira Obutaggwaawo." Ne mmubuuza nti, "Wandirabye ki ssinga Ye, wakati mu bantu Be, aleetera o—omuzibe w'amaaso okulaba, ne kiggala okuwulira, n'atunula mu kibiina n'agamba abantu ebibaluma, era nga bwe Yakola bwe Yali wano ku nsi?"

N'agamba nti, "Nnandikkirizza nti okwo kweraguza nga okozesa bya mu bwengula."

171 Ne mmugamba nti, "Oli mu mbeera mbi nnyo n'okusinga bwe mbadde ndowooza. Kyandibadde kisingako singa obadde mutabufu wa mutwe, okiraba, wandibadde tovunaanyizibwa ku by'oyogera." Naye ne mmugamba nti, "Oliko mwoyo mubi gwe gwakuwamba." Ne mmugamba nti, "Yesu bwe yagamba omukazi eyali ku luzzi ku basajja be yalina, bwe Yatunuulira abantu n'ategeera ebirowoozo byabwe, ebyo osobola okubiyita okweraguza nga okozesa eby'omu bwengula?" Mukiraba, yenna yali yazingirirwa mu kibiina ky'eddiini, ekiyitibwa Abaluzalaani, okutuusa nti ekintu kyonna ekikontana na kyo kiba kikyamu!

172 Kati Katonda ayagala omuntu azingiriddwa mu Kigambo. Nga ekintu kyonna ekikontana na Kyo kiba kikyamu! Yesu yagamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu kibeere obulimba, naye Ekyange gabeere Amazima."

173 Waaliwo omusajja mu mulembe ogwalimu ssaayansi omuyitirivu, eyali ayitibwa Nuuwa. Ekigambo kya Katonda tekyamukwasa nsonyi. Katonda yamusisinkana, era n'Ayogera naye. Yakimanya nti yali Katonda. Era Yamugamba nti, "Enkuba egenda kutonnya!" Enkuba yali tetonnyangako, naye

yakkiriza nti yali egenda kutonnya. Era okukkiriza kwe yalina, teyakwatibwa nsonyi kukuteeka mu nkola. Yamala emyaka kikumi mu abiri nga azimba ekyombo, nga ensi emuvumirira. Teyakwatirwa nsonyi Kigambo kya Katonda, mu biro bye. Katonda yamulokola n'ab'ennyumba ye, olw'ekyo. Waaliwo. . . Nga kiteekwa okuba nga kyalabika nga eky'obusiru eri abantu abalala; naye, ye, yasisinkana Katonda. Si nsonga abalala baali bannassaayansi okwenkana wa, abaali bakontana naye, ne bagamba mbu "tekisobola kubaawo, tekisobola kubaawo," ye yasisinkana Katonda!

174 Bwe kityo bwe kibeera bw'okimanya nti oyogera Naye! Oyinza okulowooza nti kya busiru omuntu bw'a. . .Bwe, nkimanya nti waliwo abantu batono mu nsi abanywerera ku bye njogera okuba nti ge Mazima. Ne nnyimirira wano ne ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ŋŋenda mu Arizona, era nja kusisinkana Bamalayika musanvu nga bali mu kibinja," kati, waaliwo ekibinja ky'abasajja abaali bayimiridde awo abaakiraba nga kibaawo. Ekiro kya luli, bwe nnagamba nti, "Los Angeles kijja kugwa mu guyanja." Naye bw'oba nga wasisinkana Katonda, era Katonda Oyo atalemererwa, Katonda Oyo akolera ddala ekyo kyennyini kye Yagamba nti ky'Alikola, bulijjo Akikozenga, awo kibeera tekikukwasa nsonyi. Teweetaaga kwebwalabwala na kuwulira nti kikuswaza; obeera osobola okutegeeza ensi yonna. Omuntu bw'asisinkana Katonda, n'ayogera Naye, obwannamaddala bwa Katonda ne bufuuka bubwe mu mutima gwe, Ekyo tekimukwasa nsonyi.

175 Nuuwa teyakwatibwa nsonyi. Kyalabika nga eky'obusiru eri abalala bonna ab'ensi, naye si eri ye.

176 Musa, bwe yali mu maaso ga Falaawo, teyakwatibwa nsonyi kugamba Falaawo nti ebintu bino bwe biti bigenda kubaawo, kubanga yali yasisinkana Katonda. Katonda yamugamba, mu kisaka ekyali kyaka omuliro. Musa yagamba nti, "Nze nna—nnanaagira." Bwe buzibu bwe yalina, nga tayogera bulungi.

177 Ye n'amugamba nti, "Alooni wuuyo ajja. Ggwe beera Katonda gy'ali, ye anaabeera nnabbi gy'oli. Nkimanyi asobola okwogera obulungi. Naye nja kubeera n'akamwa ko. Ani yaleetera omuntu okwogera?" Amiina. Ekyo nkyagala nnyo. Oyo ye Katonda. "Ani yakola omuntu nga kiggala oba kasiru, oba ani yaleetera omuntu okwogera?" Katonda ye yabakola.

N'agamba nti, "Mukama, ndaga ekitiibwa Kyo."

Ye n'amubuuza nti, "Kiki ekyo ekiri mu mukono gwo?"

N'agamba nti, "Muggo."

178 N'amugamba nti, "Gusuule wansi," ne gufuuka omusota. N'amugamba nti, "Kati gulondewo," ne guddamu ne gufuuka omuggo. Amiina. Ye Katonda. "Teeka omukono gwo mu kifuba kyo." N'aguteeka mu kifuba, agenda okuguggyayo, nga gukubiddwa ebigenge. N'amugamba nti, "N'era guteeke mu

kifuba oddemu oguggyeyo," ne guba nga omukono guli omulala. "Ye nze Katonda."

179 Bwe yava awo n'agenda mu maaso ga Falaawo n'ayogera bye Yamugamba ayogere. N'agamba nti, "Kigenda kuba bwe *kiti* ne bwe *kiti*." N'ayoola omusenyu n'agukasuka mu bbanga, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, leka enkukunyi zijje ku nsi," era enkukunyi ne zijja. N'addira amazzi n'agayiwa mu mugga, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," emigga gyonna na buli kimu ne bifuuka omusaayi. N'ayita omuzira okuva mu ggulu.

180 Mukimanyi, nga mu nnaku ez'oluvannyuma kawumpuli oyo alina okuddamu n'abaawo. Ate mujjukire nti, omwenzi, mu biro bya Bayibuli, ekibonerezo kye yaweebwanga kwabanga kuttibwa ng'akubwa amayinja. N'ekkanisa etakkiriza erikubibwa amayinja ag'omuzira efe, nga lumu bwe yaliko engeri ya Katonda ey'okubonereza. Alikuba amayinja ensi eno etakkiriza, omulembe guno omwonoonefu. Aligukuba amayinja okuva mu ggulu, n'amayinja g'omuzira agazitowa ttalanta buli limu, nga ze kkiro ana mu ttaano. Ekkanisa ennyenzi erifa, ensi ennyenzi erifa wansi w'ekibonerezo kya Katonda, nga ekubibwa amayinja, nga bwe Yakola ku lubereberye. Mutereere ne Katonda, mmwe ekkanisa! Ekyo ffenna kye tuteekwa okukola, tuddeyo eri Katonda!

181 Nnamukadde oyo eyali ajjudde ebyoya mu maaso, ow'ekirevu eky'envi, eyakutuka ekiwalaata, ow'obukono obukovvu, muzeeyi Eriya ow'emyaka kinaana nga atudde waggulu eri mu ddungu, nga atunuulira ebyonoono by'abantu. Lumu ku makya Katonda yayogera naye, n'amugamba nti, "Serengeta emmanga eri ogambe Akabu nti k'abeere ssuulwe taligwa okuva mu ggulu okutuusa nga ggwe omuyise."

182 Ndaba obuuso bwe obukadde nga bulaba okuyita mu kirevu ekyo eky'envi, nga akutte omuggo ogwo mu mukono gwe, nga atambula ku luguudo nga alinga omulenzi ow'emyaka ekkumi n'omukaaga. N'agenda butereevu mu maaso ga kabaka, n'amugamba nti, "K'abeere ssuulwe tajja kuva mu ggulu okutuusa nga nze mmuyise." Katonda yali tamukwasa nsonyi newankubadde Ekigambo Kye; okugamba kabaka oba omulala yenna. Teyakwatibwa nsonyi. Teyalina kwekweka, kugamba mbu, "Kaakati, Akabu, wandibadde. . . "

183 Ekyo kirina kye kinzijukiza ekifaananamu ne kye tukola. Era nnagamba abantu nti, "Ntuuse mu mbeera, nga nneetaaga okukkiriza okusingawo." Kaakati ekyo kye kyankomezzaawo eka nsobole okufuna o—okuwaguza okuggya okw'okukkiriza.

184 Mbadde ntuuse mu mbeera, nga bwe mba nsabira abantu, nninga, eyeetonda, "Mw. Ssetaani, bambi toveewo n'oleka. . .?" Nga taseguka! Okukkiriza kulina emifumbi, n'obwoya mu

kifuba kyakwo. Bwe kwogera, ebirala byonna bisirika. Leka kugenda nga ogamba nti, "Mw. Ssetaani, fuluma oveeyo?"

185 "Fuluma ove wano! Ndi mwana wa Katonda, eyatumibwa Katonda. Muveeko!" Ekyo kimusiguukulula. Tolina kya kwetondera ssetaani, tolina ky'omwetaaza. Ekigambo kya Katonda tekitukwasa nsonyi, okutumibwa kwo tekukukwasa nsonyi, kye tuli tekitukwasa nsonyi.

186 Ekintu kyokka ekinkwasa ensonyi, kwe kuba nti ndi Branham, ye famire mwe nnazaalibwa ku nsi. Okulemererwa kwange kunkwasa ensonyi.

187 Naye nga omuweereza We, ssikwatibwa nsonyi! Ekigambo Kye tekinkwasa nsonyi. Oba bibiina bya madiini, oba bakabaka, oba ba bitiibwa, oba ani yenna; ndi mwetegefu okwanukula, Katonda bw'ayagala mmwanukule.

188 Musa yatambula n'agenda mu maaso ga Falaawo. Teyakwatibwa nsonyi kumugamba nti tebagenda kwekkiriranya bamale ennaku *ezo* ze yali ayagala bamale mu ddungu.

Yamugamba nti, "Abamu ku bakazi basigale, wamu n'abaana bammwe."

189 N'amugamba nti, "Fenna tujja kugenda! Tewajja kusigala wadde ekinuulo ky'ente, tujja kutwala ente zaffe zonna na buli kimu." Teyakwatibwa nsonyi. Lwaki? Yali yaliko mu Musana ogw'okusumululwa.

190 Eyo y'ensonga lwaki omusajja oba omukazi, omulwadde oba ali mu mbeera endala yonna, kasita ajja mu Kubeerawo kwa Katonda, n'akitegeera nti Katonda amuwonyezza, awo obeera olinnye mu Musana ogw'okusumululwa. Tobaako kintu kyonna kye wekkiriranyako.

191 Okusumulula abantu kwali mu mutima gwe, kubanga yali yasisinkana Katonda Eyamugamba nti, "Ye nze Katonda wa Ibulayimu, Eyawa Ibulayimu ekisuubizo. Era ekiseera, ky'obununuzi, ekiseera ky'okusumululwa, kituuse. Nkutuma ogendeyo obaggyeyo." Ekyo okyetondako, ki?

192 Falaawo yali asobola okumutta. Yali muntu buntu. Yali muddu. Yali asobola okumutta. Naye teyakwatirwa Kigambo nsonyi. Teyagendayo kuvunnamira Falaawo na kumwegayirira. Yamugamba nti, "Nzize kubatwala."

Falaawo n'amugamba nti, "Kati nno, tosobola kubatwala!"

193 Kko ye nti, "Kale, kati wajja kubaawo enkukunyi ku nsi, okutuusa lw'onaawaguza obuwaguza okuziyitamu." Era ekyo kye kyabaawo.

N'agamba nti, "Ha, Musa, baggyeewo obatwale!"

Kko ye nti, "Kale. Kati weenenyezza?"

N'agamba nti, "Naye, mu ddungu mujja kumalayo ennaku *bwe ziti*."

194 Kko ye nti, “Awo ensowera zijja kujja.” Amiina. N’agamba nti, “Ekizikiza kijja kujja.” Enzikiza yali ya maanyi nnyo nga tosobola kulaba kuva mu kifo kimu kudda mu kirala.

195 Ku nkomerero ya byonna okufa ne kujja. Okutandikira ku Falaawo okutuuka ku muddu, kwali kufa eri buli mwana omuggulanda mu maka. Talina muntu yenna gwe yeetondera. Yali mwana wa Ibulayimu, eyazaalibwa mu Mwoyo wa Katonda, eyatumibwa Katonda, n’aweebwa Obubaka bwa Katonda, okugendayo aggyeyo abantu abo.

196 Kati, Katonda tasobola kuyita kintu kye kimu mu kiseera kino, okuggyayo Omugole mu kkanisa?

197 Danyeri teyali, manya, Dawudi, manyanga, teyatya mu maaso ga Sawulo. Buli omu bwe yali atidde Goliyaasi, ye teyatya kugendayo. Era yagamba nti, “Omuddu wo. . . ” Akavubuka kano ka nnyamayaalwo kaagamba nti, “Omuddu wo yali alunda endiga za kitaawe, eddubu ne lijja ne libaako akaliga ke lyakwakkula. Ne ndifubutula mu ddungu ne nditta, nga nkozesa envuumuulo eno. Empologoma n’ejja.” Ha, bannange! “Empologoma yajja n’ekwakkulako kamu, n’edduka n’egenda mu lukoola, ne ngikuba n’envuumuulo n’egwa wansi. Bwe yasituka, ne ngitta.” N’agamba nti, “Era Katonda. . . ” Kabaka oyo eyali yagwa yali ayimiridde awo, n’abaserikale abo abanafu abaali bagamba mbu baweereza Katonda w’Eggulu, kyokka ne baleka Omufirisuuti oyo ataali mukomole n’ayimirira awo n’asoomooza eggye lya Katonda omulamu. N’agamba nti, “Omuddu wo n’oyo ajja kumutta. Kubanga, Katonda Oyo eyampa empologoma n’eddubu, n’Omufirisuuti oyo atali mukomole ajja kumumpa.” Teyanaanaagira, teyagamba nti, “*ob’olyawo* kinaakolebwa.” Yagamba nti, “Kijja kukolebwa!” Teyakwatibwa nsonyi.

198 Danyeri, bwe yali mu maaso ga kabaka, teyatya kumenya biragiro bye nti tewali akkirizibwa kusaba, okuggyako nga asaba ye. Yaggulawo amadirisa ne yeesiba olukoba, n’asaba emirundi esatu olunaku. Teyatya.

199 Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego, tebaatya kikoomi ekyo eky’omuliro. Baagamba nti, “Katonda waffe asobola okutununula. Katonda asobola okutununula. Naye bw’Atatununule, era tetugenda kuvunnamira kifaananyi kyo.” Tekyabakwasa nsonyi. Nedda, ssebo. Nedda, ssebo. Mazima ddala tekyabakwasa nsonyi, kubanga baali bakimanyi.

200 Samusooni teyakwatibwa nsonyi mu maaso g’Abafirisuuti. Olukumi bwe baamulumba, yalonda eggumba ly’oluba lw’ennyumbu. Ate zi sseppeewo ezo, zaabangako omubiri gwa yinci nga emu n’ekitundu, ey’ekikomo ekizigule. Yakuba abasajja lukumi n’abatta n’eggumba eryo, n’asigala nga akyalina eggumba ly’oluba mu ngalo ze. Teyaswala. Yakwata bukwasi ekyo ekyali mu ngalo ze, n’akikozesa. Yakimanya nti

yaliko Omwoyo wa Katonda. Yakimanya nti yazaalibwa nga Muwonge. Yali akimanyi nti tewali kiyinza kumweraliikiriza. Yali muweereza wa Katonda. Kasita yakolanga ebyo Katonda bye yali ayagala akole, tewali kyali kiyinza kwekiika mu kkubo lye, si nsonga bakabaka b'Abafirisuuti bameka oba abalala bonna abaamulumba. Bwe kiri.

201 Yokaana teyakwatirwa nsonyi Kigambo kya Katonda ekyamujjira mu ddungu, ne kimugamba agende abatize n'amazzi. Teyakwatibwa nsonyi kugamba nti, "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi," kubanga Omwoyo wa Katonda yali ku ye. Teyakwatibwa nsonyi mu maaso ga bakabona.

202 Ekigambo kya Katonda tekyamukwasa nsonyi bwe yagenda ne yeŋŋanga Kerode. Mukyala wa Firipo yali abeera ne Kerode. Yatambula butereevu n'agenda mu maaso ga kabaka! Nnamukadde ono okuva mu ddungu eyali ajjudde omulevu mu maaso, yavaayo, nga talina buyigirize bwonna wadde ekintu kyonna, n'agenda butereevu ne yeesimba mu maaso ga Kerode, n'amugamba nti, "Kimenya mateeka ggwe okubeera n'omukazi oyo!" Ekigambo kya Katonda tekyamukwasa nsonyi. Mazima ddala. Tekyamukwasa nsonyi n'akatono.

Suteefano, Ekigambo kya Katonda tekyamukwasa nsonyi.

203 Okusooka, abapentekoote baali waggulu eri ku Lunaku lwa Pentekoote, bwe baakuŋŋaana awamu mu kisenge ekya waggulu, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako, olw'ekisuubizo kya Katonda. Lukka 24:49 wagamba nti:

> *. . . laba, mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange: naye* mulinde *. . . mu kibuga Yerusaalemi, okutuusa* lwe mulifuna *amaanyi agava waggulu.*

204 Era ekisuubizo kyennyini Ekigambo kya Katonda kye kyabasuubiza nti, "Laba, mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange, naye mulindirire awo; temweyongera kusomerera bya ddiini oba okubaako obuyigirize bwe mufuna, n'ebirala, wabula mulinde okutuusa lwe mulyambazibwa Amaanyi." Era Amaanyi ago agava mu Ggulu bwe gajja, nga empewo ewuuma ey'amaanyi, Enjiri teyabakwasa nsonyi.

205 Peetero yayimirira, n'agamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe. Mmwe basajja mmwe, ab'emikono egy'abantu ababi, mwakomerera Omulangira ow'Emirembe, Katonda gw'azuukizza okuva mu bafu. Era tuli bajulirwa. Kubanga kino Yoweeri kye yagamba nti kye kiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma nti, 'Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri.'" Enjiri teyamukwasa nsonyi.

206 Musajja wattu Suteefano, nga bwe namwogeddeko eddakiika ntono eziyise, bwe yayita mu ngeri ya—ya—y'omuyaga ogw'amaanyi. Teyali mubuulizi. Yali mudiikoni kye kyokka,

naye yajulira buli wamu wonna ebikwata ku kuzuukira. Yali yasisinkana Katonda. Era kiringa . . .

207 Okugezaako okumuyimiriza? Kati, ekyo kyali kiringa kugezaako kuziyiza nnyu—nnyumba, kuzikiza nnyumba, ekutte muliro, nga kibuyaga akunta, mu kiseera eky'akasana. Kubanga, buli empewo lw'ekunta ekoleeza bukoleeza muliro mulala.

208 Baamuwalaawala ne bamutwala mu maaso g'Akakiiko Akafuzi akakulu. Akakiiko ako musobola okulaba kye kali? Ako ke Kakiiko akataba Enzikiriza zonna. Amadiini gonna galina abakulembeze abagakiikirira, mu Kakiiko akataba Enzikiriza zonna. Bonna baalina abakulembeze ababakulira wansi w'Akakiiko ako Akakulu. Abafalisaayo, Abasaddukaayo, Abakerodiya, n'abalala, bonna baalina okwegatta ku kakiiko ako. Era baamukwata, si kibiina kya ddiini kimu kyokka, wabula akakiiko akakulu ke kaamukwata. "Tugenda kumutiisatiisa tumumale amampaati."

209 Bwe yagendayo, ku olwo ku makya, Bayibuli egamba nti obwenyi bwe bwali bufaanana nga Malayika. Yagamba nti, "Abasajja era ab'oluganda, leka njogereko gye muli. Bajjajjaffe baali babeera Mesopotamiya nga tebannajja Kalani," n'ebirala. Yagiranga n'abawa Ebyawandiikibwa. Naye byonna bwe yabimalaayo, Omwoyo n'amukkako, n'agamba nti, "Mmwe ab'ensingo enkakanyavu, abatakomolebwanga mu mitima n'amatu, bulijjo muziyiza Omwoyo Omutukuvu; nga bajjajjammwe bwe baakola, nammwe bwe mutyo bwe mukola." Enjiri teyamukwasa nsonyi, Ekigambo tekyamukwasa nsonyi. Teyakwatibwa nsonyi mu maaso g'Akakiiko Akakulu. Nedda.

210 Pawulo yagamba bwe yali mu maaso ga Agulipa. Nga bwe yali Omuyudaaya, eyayigirizibwa Gamalyeri, eyali omukungu ow'amaanyi. Naye lumu, aba ali mu lugendo agenda e Damasiko, yajja mu Kubeerawo, n'asisinkana Katonda. Malayika yakka okuva mu Ggulu, mu nkula ey'Empagi y'Omuliro, Ekitangaala ne kimukuba n'agwa wansi. N'asituka, n'agamba nti, "Mukama wange, Ggwe Ani?"

Kye Yava amwanukula nti, "Nze Yesu."

211 Bwe yayimirira mu maaso ga Agulipa, n'addamu n'ayogera ku bintu ebyo ebyamutuukako. N'agamba nti, "Enjiri ya Yesu Kristo tenkwasa nsonyi, kubanga Ge Maanyi ga Katonda agalokola, eri buli muntu akkiriza." Mazima ddala.

212 Kaakati, ab'emikwano, tuzze tulaba abantu ab'enjawulo, okuyita mu mirembe egy'enjawulo, naye obudde butuweddeko.

213 Naye leka njogere kino. Omuntu eyali asisinkanye Katonda, nga kye Kigambo, era Ekigambo ne kirabisibwa gy'ali mu bulambulukufu, ekyo tekiriimu nsonyi n'akatono. Toswala. Tekinswaza kugamba nti nzikiriza buli Kigambo kya Katonda. Tekinswaza Mukama bw'aŋŋamba okubaako ekintu kyonna kye njogera, n'aŋŋamba nti genda okirangirire era

okikole; tekinkwasa nsonyi kugamba nti nnajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu; tekinkwasa nsonyi kugamba nti nnayogera mu nnimi endala; tekinkwasa nsonyi kugamba nti Mukama waffe andazenga okwolesebwa; tekinkwasa nsonyi kugamba nti Ye omu jjo leero n'emirembe gyonna.

214 "Bwe mulitwalibwa mu maaso g'abafuzi ne bakabaka, olw'Erinnya Lyange, temweraliikiriranga kye munaayogera, kubanga kijja kubaweebwa essaawa eyo. Si mmwe muba mwogera, wabula Kitange atuula mu mmwe. Naye buli ankwatirwa ensonyi Nze n'Ekigambo Kyange, mu mulembe guno, nange ndimukwatirwa ensonyi mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu." Katonda atuyambe tuleme kukwatibwa nsonyi, wabula atuyambe tubeere obujulizi obulamu.

215 Abasajja bonna mu Ndagaano Enkadde, bannabbi abo bwe bajja, baafuuka—baafuukanga Ekigambo ekiramu. Be baali Ekigambo. Yesu yagamba nti baayitibwa bakatonda, era kye baali, kubanga Ekigambo kya Katonda kyajjanga gye bali. Baagambanga nti, "Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA."

216 Era omuyigirizwa wa Kristo yenna eyamusisinkana n'akwatagana Naye mu bununuzi, era obulokozi ne bujja mu mutima gwe, abeera alina Katonda. Kaakati bulamu bwa ngeri ki bwe tulina okutambuliramu, era tusaanye kutambula tutya, era tusaanye kwogera tutya, Katonda bw'aba nga yeeyoleka n'alabisibwa okuyita mu mibiri gyaffe egifa? Ekyo ani ayinza okukikwatirwa ensonyi?

217 Singa mbadde mu kitongole kya poliisi wano mu Jeffersonville ne mbaako ekifo we ŋŋenda, ne ntambulatambula ku luguudo, mu buyinza bwonna, ekibuga tekyandinkwasizza nsonyi. Nnandibadde ndi kitundu ku kibuga. Nnandibadde wa poliisi, nga ndi kitundu ku kibuga, okukwasisa amateeka n'empisa. Omuntu bwe yandivuze n'ayitawo nga ekitaala ekimyufu kyaka, ssandikwatiddwa nsonyi kumugamba nti ky'akoze kikyamu, era ne mmukuba ekibaluwa. Ogwo gwe mulimu gwange, kubanga ekibuga ki—kinsasula. Ekibuga kye kimbeezaawo. Nnina obuyinza okuva mu kibuga. Ne bw'aba atamidde, oba nga alina omusango gwonna gw'akoze, bajja kumpagira. Nnandibadde mumalirivu ne nkola omulimu gwange, kubanga ndi mupoliisi era nna-. . .nnayawulibwa, manya nnateekebwa wano era ne mpeebwa obuyinza kino okukikola. Olina okukwasisa amateeka n'eddembe, n'ebirala, n'olaba nti bikolebwa mu ngeri entuufu.

218 Kaakati, bwe mba nga ndi Mukristaayo era nga nnajjuzibwa Omwoyo, nga nnyambadde obujulizi bw'okuzuukira kwa Yesu Kristo, obugamba nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, tokkiriza ssetaani yenna okugezaako okukusindiikiriza

nga akuzza eno n'eri, nga akugamba nti, "*Kino* tokikola na *kiri* tokikola." Ggwe kola Ekyo. Katonda yakuwa . . .

219 Mukiraba, tetulina maanyi. Omusirikale oyo talina maanyi gayimiriza mmotoka n'emu. Zibeera . . . oluusi zibeera ne yingini z'amaanyi ga osipawa nga enkumi ssatu oba nnya, amaanyi agenkana awo ayinza kugakolako ki? Naye alina obuyinza.

220 Era eyo y'Ekkanisa. Tulina obuyinza, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo n'Ekigambo Kye ekyasuubizibwa, aleruuya nti, "Ebintu bye Nkola nammwe mulibikola; mulikola n'ebisinga ku bino, kubanga Ŋŋenda eri Kitange."

221 Tomukwatirwa nsonyi mu mulembe guno; omwonoonyi, ogusobeddwa, omulembe ogugenda okusembayo okubeera ku nsi ogujjudde okwonoona, omwenzi, era ogujjudde amabwa amavundu. Byonna, buli kintu kyonna ekibadde ekirungi kyonoonese. Eby'obufuzi by'eggwanga, mpitambi njereere! Amawanga gasasise.

222 Munda eri mu bibira by'omu Afirika, ku lugendo lw'okulambula ebisolo, baalina okufuna leediyo ez'amaanyi okuwuliriza Elvis Presley, ne Pat Boone, nga abasajja abo bwe bazina amazina ago ag'okwesuukunda aga rock-and-roll n'aga twisiti. Era bannansi, ne bagezaako okubalaba nga beetigoonyola, beenyeenya bwe basuukunda emitwe gyabwe n'okwejeeguula mu ngeri eyo, bannansi ne bayimirira ne babatunuulira. Naye, mulaba, abantu bali si Bamerika nga Pat Boone, ne Elvis Presley, ne Ricky Nelson, bwe bali. Si Bayuda ab'ekika ekyo, naye ba . . . Mukiraba, mwoyo. Era omwoyo teguli mu Amerika mwokka, wabula gubunye ensi yonna, okubaleeta mu lutalo lwa Kalumagedoni. Bwe batyo bwe beeyisa, oba ba . . . Mu ggwanga lyonna gye bava, oba mu Afirika, oba mu Buyindi, yonna gye bava, ebintu ebyo eby'obuseegu bibunye ensi yonna, naye nga yali muntu omu bw'ati ye yabitandika.

223 Bw'etyo n'Enjiri wamu n'Amaanyi ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna bwe biri, bibunye buli wamu wonna mu nsi! Era ekiseera eky'okwawula kaakano kigenda mu maaso, nga Katonda ayita Omugole, nga ssetaani ayita ekkanisa. Leka mbeere kitundu ku Mugole!

Leka tusabe.

224 Ayi Katonda omwagalwa, tulaba omukono oguwandiise ku kisenge, ayi Mukama. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Tukimanyi nti waliwo ebintu ebikulu ebijja mu maaso, naye ate waliwo awantu awamu, awantu awamu mu kavuyo kano, wakyaliwo abantu abeesimbu abaayawulirwa okufuna Obulamu. Kiyinza obutasoboka eri omuntu omu oba ababiri; naye, ayi Katonda, ffenna wamu, leka tubunye mu buli nsonda yonna gye tusobola, amawulire amalungi nti Yesu ajja, era, tukakase, nga tubaako Omugaati gwe tusaasaanya, Ekigambo ekitonotono. Eyo yonna Empungu gye ziri, zijja kugoberera

Emmere eyo. Oba Ejja kuyita mu lutambi, oba Ejja kuyita mu kigambo oba mu bujulizi, Empungu zijja kugigoberera okutuuka ku kitebe Kyayo ekikulu. Kubanga Kyawandiikibwa nti, "Wonna awaba Ennyama ensu, Empungu we zinaakuŋŋaanira." Ayi Yesu omwagalwa, tumanyi nga ye Ggwe Nnyama ensu gye tulya. Ye ggwe Kigambo, era Kigambo yayambala omubiri n'abeerako gye tuli. Tukusaba, ayi Katonda, nti nga bwe tusaasaanya Ekigambo, Empungu entuufu zinaakizuula.

225 Leka tuleme kukwatibwa nsonyi bwe tuyimirira mu maaso g'abantu, ababi, abantu abateefiirayo, bannaddiini, oba kyonna kye bali. Nga Pawulo bwe yagamba Timoseewo nti:

> . . . Leka tukubirizenga *mu bbanga erisaaniramu n'eritasaaniramu; weranga, nenyanga,* era . . . *n'okugumiikiriza kwonna n'okuyigiriza.*
>
> *Kubanga ebiro birijja lwe batalikkiriza kuwulira kuyigiriza kwa bulamu; naye nga bagoberera okwegomba kwabwe ba . . . balyekuŋŋaanyiza wamu abayigiriza, nga amatu gaabwe gabasiiwa;*
>
> *Era* balikyamizibwa . . . *okulekanga amazima, . . . okugobereranga enfumo obufumo.*

226 Ayi Katonda, ebyo by'ebiro mwe tuli. Onzikirizza okuwangaala okutuusa lwe nkirabye nga kibaawo. Nga, ekyo kiri wano wennyini mu jjinja ery'oku nsonda ey'ekkuŋŋaaniro lino olwa leero, nga kyateekebwayo emyaka asatu mu esatu egiyise.

227 Ayi Katonda, wa omukisa buli ali munda wano. Bwe wabaawo omuntu yenna munda wano, ayi Mukama, atali mwetegefu kukusisinkana, nga tateredde na Kigambo Kyo, era nga takusisinkananga maaso ku maaso kumanya nti Toli kikolwa bukolwa eky'engeri yonna eki—eki—ekikkirizibwa, nti oba oli nga kiyiiye kya nzikiriza oba ekintu bwe kityo, wabula nga yasisinkana Katonda omulamu; era kino bw'aba nga takikolanga, ayi Mukama, leka akikole mu kaseera kano kennyini.

228 Nzi—nzikiriza nti Oli—Oli kumpi nnyo mu kaseera kano. Ssimanyi be b'ani. Simanyi na kumanya oba waliwo omuntu yenna wano, naye mpulira nga nnuŋŋamizibwa okukusaba. Si nti abantu bampulire, kubanga mu ekyo mba munnanfuusi yennyini. Ayi Katonda ekyo kikafuuwe. Ssaagala kubeera munnanfuusi. Naye nkisaba n'obwesimbu mu mutima gwange, ayi Mukama.

229 Kyonna ky'ali oba musajja oba mukazi Yogera naye enkya ya leero, nsaba mu buwombeefu aleme kukwatibwa nsonyi, wabula munda ddala eri mu buziba bw'omutima gwe akusembeze kaakano, era ajje akawungeezi kano abatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, agoberere buli Kigambo, buli Kigambo; oba yabatizibwa mu ngeri eyawukana ku eyo, oba yamansirwako

bumansizi mazzi, oba baamuyiwako buyiyi mazzi. Jjukira (tujjukira, ayi Mukama) nti Wagamba nti, "Buli alitoolako yadde Ekigambo ekimu bwe kiti okuva mu Kitabo, oba aligattako wadde ekigambo ekimu bwe kiti ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu." Ne bw'agezaako, n'ajja, n'awandiisa erinnya lye mu kitabo, te—tekijja kukola. Leka tubeere beesimbu era bawombeefu.

230 Kaakano bali mu mikono Gyo, ayi Mukama. Bakole nga bw'Olaba kisaanira, kubanga Babo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda.

231 Kaakano nga tukyakotese emitwe gyaffe, njagala mukirowoozeeko nnyo mu kaseera kano. Okusooka, nneetonda, olw'okusussaamu mu budde obw'okubata okumala eddakiika ga kkumi na ttaano. Kaakati twagala tumuumuunye. Era mu kaseera kano fumiitiriza mu mutima gwo weebuuze nti, "Ddala nnasisinkana Katonda?" Kaakati kirowoozeeko mu bwesimbu ddala kati. Kubanga, weesanga emirundi tegigenda kuba mingi nnyo okutuusa . . . Ob'olyawo guno gwe mulundi ogusembayo, ffe okusisinkana nga Okujja Kwe tekunnabaawo. Kuli kumpi, ab'emikwano. Buli Kyawandiikibwa, kyenkana, kiringa ekituukiriziddwa. Era guno, gwandiba nga gwe mukisa gwaffe ogusembyeyo, eri ggwe nange. Obudde we bunaazibira twandiba nga tetukyaliwo.

Nnaagenda Naye, Naye olugendo lwonna.

Mpulira . . .

"Onkwatirwa ensonyi n'Ekigambo Kyange?"

Mpulira Omulokozi wange . . .

232 Kaakati kubamu akafaananyi nga mu kaseera kano oli ku ndiri onaatera okufa.

. . . mpulira . . .

Mu kaseera ako kyandiba ekikeerezi ennyo, naye mu kaseera kano si bwe kiri.

"Weetikke omusaalaba gwo, o . . . "

Kyandikwetaagisa okwerekereza kati.

" . . . ongoberere."

Kati, mu mutima gwo, yanukula kino:

Nnaagenda Naye nga tuyita mu lusuku,
Nnaagenda Naye nga tuyita mu lusuku,
Nnaagenda Naye nga tuyita mu lusuku,
Nnaagenda Naye, wamu Naye . . .

233 Kaakano nga tukotese emitwe gyaffe, leka tuyimuse emikono gyaffe tugambe nti:

Nnaagenda Naye okuyita mu musango,

Kaakati, ekyo ky'ekigenda mu maaso mu kaseera kano: Atusalira omusango.

Nnaagenda . . .

Mukama, Onsanze nga omusango gunsiga? Nkusaba, onsonyiwe.

. . . okuyita mu musango Gwe,

Bw'onnamula enkya ya leero Olaba nga ndi ntya, ayi Mukama?

. . . wamu Naye okuyita mu musango . . .

Ngezesa, ayi Mukama, olabe oba nga mu nze mulimu ekintu kyonna ekitali kirongoofu.

. . . wamu Naye, wamu Naye olugendo lwonna.

234 Kitaffe, tukwebaza enkya ya leero olw'emikono gino gyonna. Ssirabyeyo muntu yenna atayimusizza mikono gye. Nkwebaza, ayi Mukama. Nka—nkakasa Naawe tolabyeyo n'omu, Mukama. Tewali atayimusizza mikono gye, beetegefu okuyita mu kulamulwa. Tulamule, ayi Mukama. Era mu ffe bwe mubaamu ekikyamu kyonna, kitusonyiwe, ayi Kitaffe. Tuwe okusaasira Kwo, kubanga tetwagala kusisinkana kulamulwa Kwo nga okusaasira tekuliiwo. N'olwekyo, okusaasira weekuli mu kaseera kano, na bwe kityo tukusaba, ayi Katonda, Otulamule era otusonyiwe ebibi byaffe, okusinziira ku Kigambo Kyo n'ekisuubizo Kyo. Era leka tubeerewo ku Lulwo ennaku zonna ez'obulamu bwaffe, nga Enjiri tetukwasa nsonyi.

235 Kaakano, ayi Kitaffe, bw'onaaba nga bw'otyo bw'Oyagala, tugenda kutandika Ssande ssatu ez'enkuŋŋaana, ez'omuddiriŋŋanwa. Teekateeka emitima gyaffe ku lw'enkuŋŋaana ezo, ayi Mukama. Nteekateeka, Ayi Katonda. Nze nnyimiridde nga nkwetaagira ddala. Nkusaba Onnuŋŋamye era onkulembere mu bintu bye nnina okukola n'okwogera, mu nnaku zino ezijja.

236 Luŋŋamya era kulembera Muganda waffe omwagalwa Neville, omuweereza Wo oyo omuzira, ayi Mukama; n'Ow'oluganda Mann, n'abadiikoni b'ekkanisa, n'abayima, na buli muntu yenna akuŋŋaanira wano.

237 Tuteeketeeke, ayi Mukama, tusobole, mu ngeri yennyini e—ey'Ekikristaayo, okuleeta aboonoonyi gy'Oli, n'okuleetera bammemba b'ekkanisa okumanya Katonda gwe tumanyi, gwe twasisinkana nga abantu ssekinnoomu, leka nabo, afuuke Katonda waabwe. Kaakano, ayi Kitaffe, kino tetusobola kukikola, tetusobola kubasindika kuyingira. Naye Ggwe, Omwoyo Omutukuvu, tambula ku bantu, ne bammemba b'amakanisa.

238 Era nga ekintu kiri ekyantuukako nga kiva gy'Oli luli ku makya nga kigamba nti, "Genda ofunire Omwana wange

Omugole. Muggyeeyo mu bantu, mu makanisa. Ggyayo Omugole oyo." Kaakano, nkusaba onsobozese, ayi Mukama. Weereza Lebbeeka; ŋŋenda kugezaako okubeera Erieza. Nnyamba mbeere omuweereza omwesigwa. Era leka Katonda w'Eggulu atume Malayika We ankulemberemu, atukulemberemu, tusobole okukuŋŋaanya wamu ebintu tulonde Omugole gwe Yeeroboza. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

239 Kati, munsonyiwe okubalwisaawo bwenti. Kwakayitako eddakiika abiri mu ttaano. Nnandibadde nnafulumye, eddakiika abiri mu ttaano eziyise. Naye, kati, oluyimba olwo olw'edda mulwagala olugamba nti, "Twalanga Erinnya lya Yesu"? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Si lulungi? Oluyimba olwo kati nnaakaluyimbira emyaka asatu mu esatu, nga oluyimba olutusiibula. Bwe wabaawo okubatizibwa mu mazzi nnyimba, "Nnyimiridde ku mbalama z'omugga Yoludaani ezijjudde emiyaga." Era ndowooza nga oluyimba luno lulungi nnyo, "Litwale buli gy'ogenda yonna!"

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Essuubi . . .

Kaakati baako akuliraanye gw'okwatako mu ngalo.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

240 Kati mujjukire olukuŋŋaana lw'akawungeezi ka leero, essaawa emu n'ekitundu, essaawa emu n'ekitundu akawungeezi ka leero. Kaakati leka tuyimbe ekitundu kino kimu, mukiraba:

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Nga Engabo eri buli kyambika;
Ebikemo bwe bikwetooloola . . . (Onookola ki?)
Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu kusaba.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

241 Waliwo omuntu yenna eyazze okubatizibwa oluvannyuma lw'olukuŋŋaana luno? Bwe muba weemuli, muyimuse emikono gyammwe. Abaagala okubatizibwa? Babiri, kale, mugenda kubatizibwa amangu ddala nga olukuŋŋaana luno luwedde. Mmwe abasigadde, bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okubatizibwa, tujja kuba n'okubatiza mu buli lumu ku nkuŋŋaana zino. Kyokka ky'olina okukola kwe kusaba obatizibwe. Tuli beetegefu okukubatiza. Ogwo gwe mulimu gwaffe, kukubatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Mulimu gwaffe okukikola. Era tunaasanyuka okukikola, essaawa yonna. Mmwe abagenda okubatizibwa, mugende mu bisenge, amangu ddala nga olukuŋŋaana luwedde, era tugenda

kugenda mu maaso n'okubatiza mu mazzi. Bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okubagoberera, kakasa nti tuli wano. . . bw'oba weenenyezza ekibi kyo era nga okkirizza Yesu nga Omulokozi wo.

242 Obadde Mukristaayo okumala emyaka egiwera, nga tolabanga Musana, naye kaakano Omusana gw'obununuzi guzze. Omukazi, Omugole ateekwa okutwala Erinnya! Yesu yagamba nti, "Nnajja mu Linnya lya Kitange, naye ne mutansembeza. Naye waliwo ajja okujja mu linnya lye, ate mumusembeze," ekyo ky'ekibiina kyo eky'eddiini.

243 Buli mwana yenna ajjira mu linnya lya kitaawe. Nzijira mu linnya lya kitange. Nammwe basajja mmwe mujjira mu linnya lya kitammwe.

244 Kati Erinnya Lye yali ayitibwa ani, Erinnya lya Kitaffe y'ani? Yesu! Ye, "nnajja mu Linnya lya Kitange, naye ne mutansembeza." Kati, weewaawo, Omugole We ajja kuba n'Erinnya Lye.

245 Nnawasa omukazi, ayitibwa Broy, n'afuuka Branham.

246 Ajja okunona Omugole, ekyo beera mukakafu era okijjukire nga bw'ojja ku kidiba.

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe.

247 Era Ow'oluganda Vayle ono wano si mugenyi gye tuli. Waaluganda omwagalwa ennyo, abadde nange mu nkuŋŋaana nnyingi, ye ne mukyala we. Era kati y'awandiika obubaka buno n'ebintu ebirala ebikubibwamu ekitabo. Ow'oluganda Vayle, nkusaba otusiibule mu kusaba, nga bwe tukoteka emitwe gyaffe. [Ow'oluganda Vayle asaba—Omuk.]

65-0711 Okukwatibwa Ensonyi
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org